Ebigendererwa Omukaaga Eby'Okukyala Kwa Gabulyeri Eri Danyeri

Naye nneewunyizza nnyo okulaba a...abaana baffe abato abaakavubuka enkya ya leero, abato, nga bwe mubamanyi, abato be tuyita "fefe" ne "fifi," abato abo, aba, nga bwe mubamanyi, ab'emyaka awo nga kkumi na mukaaga. Ate bagenda ne bajja mu kkanisa, nga bwe mumanyi, nga ba...Abawala abato, ab'emyaka nga egyo, babeera baagala okulabika obulungi, nga bwe mumanyi. Bo, nga nammwe bwe mukimanyi, enviiri zaabwe bagenda ne bazikolamu amayengo, waggulu ku mutwe; nnabalabye, bwe nnabadde mbuulira, obwedda enviiri bwe bagira bwe zeezingulula, bwe zeezingulula. Ate, bwe waayiseewo akaseera, ne batandika okuzifuuwa zibave mu maaso, nga amayengo gonna geezinguludde.

2 Kawala ka mwannyinaffe Downing, era—era nnakalabye. Ne kawala ka—kawala ka—kawala ka...Ow'oluganda Collins... Bakayita ani? Ka...[Ow'oluganda omu agamba nti, "Betty."—Omuk.] Betty, ka Betty. Muli nneesekeredde, n'okwesekerera. Naye nnabalabye nga bonna bambi balabika bulungi, nga bwe mumanyi, nga bonna banyirira okukamala, naye nnagenze okugira nti nga...

3 Naye, awe omukisa emitima gyammwe, ab'emikwano, nze gyendi, era, mulabika bulungi. Ky'ekyo. *Okulabika obulungi*, kwe, kwe kubeera n'omwoyo omulungi ogunaakuleetera okujja n'otuula mu nkuŋŋaana bw'otyo, n'owuliriza Enjiri. Ekyo kye kireetera omuwala okuba nti alabika bulungi. Era ndowooza nga n'omuvubuka yenna alimu ensa, agwaanye okuba omwami w'omuntu, naye bw'atyo bw'alowooza. [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Amiina."—Omuk.] Weebale, ssebo. Ekyo kirungi. Waliwo akkiriziganya nange. Ekyo, ddala bwe kiri. Kale. Nzikiriza nti ago ge Mazima.

4 Kati ekyo tekyewuunyisa? Olubikkudde Bayibuli yange nti ntuukidde mu Danyeri essuula ey'o 9. Kati, ntera okugamba buli omu, obutaggyaamu kkooti ye, abo ababeera balina ekituli mu ssaati zaabwe, naye ka nsuubire nti eyange teriimu kituli. Naye—naye nnali mbaddeko mu kiseera we nnali sisobola kugiggyamu, nga nnina ekituli mu ssaati, ddala kyali kintuuseeko. Naye ndowooza eno yo terina.

5 Kati, ha, nze ku lwange, tu . . . era nzikiriza wamu n'ekibiina, tusiima Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu enkya ya leero.

Era ffenna buli omu asiima okussa ekimu n'okubeerawo kwa munne. "Nga kiwoomu, nga kirungi, nga kisanyusa, ab'oluganda okutuula awamu nga batabaganye. Kiringa amafuta ag'omuwendo omungi agaakulukutira mu kirevu kya Alooni, agaaserengetera ku lukugiro lw'ekyambalo kye."

6 Ŋŋenzeeko erudda wali okulya, erudda wali ku wooteeri ya Blue Boar, era mumanyi be nsisinkanyeeyo, Ow'oluganda Bill ono wano, ne Mwanyinnaffe Dauch atudde erudda wali, nga—nga balya enkoko ensiike ekyasinzeeyo okulabika obulungi, gye nnali ndabye, era nga banyumirwa akaseera akanyuvu ddala, nga bwe bagiwoomerwa, nga bwe mumanyi. Bwe nvudde we babadde ne nnyambuka waggulu ku mwaliiro oguddako ate eyo ne nsisinkanayo abantu b'omu kkanisa wano abawerako, bambi ne baagala n'okusasulira eky'emisana kyange. Kati ekyo kibadde kirungi nnyo ddala, nkisiima nnyo nnyini.

7 Bwe nnazzeeyo eka, Billy yandeetedde ekibookisi ky'ennyaanya omuntu omu ze yandeetedde, okuva eri mu ssaza ery'embeera y'obudde empeweevu, erya Georgia emmanga eri, gye baŋŋamba nti, yo mu kiseera kino, obudde bwayo buweweevu.

8 Kati, waliwo omwami omu gwe nnasisinkanye wabweru. Nnina n'abantu be mbadde nva okusisinkana, olw'eggulo luno, kati nga nserengeta mpita kumpi n'ekkanisa essaawa nga emu n'ekitundu eyaakayita, kati omwami oyo omuto mu myaka . . . yabadde nga omuvubukavubuka bw'atyo, gwe nnasisinkanye wabweru, yagambye . . . nnammugambye nti, "Ebbugumu lingi."

Ye n'aŋŋamba nti, "Ddala *lingi*!" Nnategeereddewo nti ono ava mu Georgia, kye yavudde agamba nti, "Weewaawo ne mu Georgia ebbugumu lingi!"

9 Naye, kati waliwo ekifo ekirala ekyokya ennyo n'okusinga wano we tuli kye tugezaako okwewala okukigendamu, si bwe kiri? Era eyo y'ensonga etuleese wano.

10 Mwebale nnyo ddala, ab'emikwano, olw'obulungi obutagambika bwe mundaga. Nnandikoze ntya we mutali? Ddala—ddala nnandikoze ntya we mutali? Singa ssaalina muntu yenna anjagala, nga tewali na muntu yenna awuliriza Bubaka, Obubaka bwange bwonna tebwandibaddemu kalungi konna. Sisobola kububuulira nkondo za miti gya ssimu na miti emirala gyonna. Tegiyinza kubutegeera. Na bwe kityo balina kubeera bantu nga mmwe mwenna, abanajja ne mubuwuliriza. Kale bwe mujja ne mutuula mu kifo ekijjudde ebbugumu eringi bwe liti, nga ate ki . . . Mukyala wange yaŋŋambye nti ebbugumu katono limuttire emabega eri, ku makya. Naye n'olaba abantu, nga n'oluusi abamu balwadde, naye ne batuula mu nkuŋŋaana ezo bwe batyo, nsaba Katonda abawe a—amaka amalungi ddala,

ageesiimisa mu Kitiibwa kwe kusaba kwange. Era nsuubira era nzikiriza nti Ajja kukikola.

11 Kati, leka tulabe. Ekkooti yange, waliwo agitadde erudda wano. Kati akawungeezi kano nnina ebintu ebitonotono ebiwerako bye nnina okusoma. Bameka abaanyumiddwa ebitundu by'eky'okuyigako kino ebyasoose? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] O, kale singa ebbugumu teribadde lingi nnyo, twandyeyongedde bweyongezi mu maaso, okuyita mu wiiki yonna, ne—n'Ekitabo ky'Okubikkulirwa. Nkyagala nnyo. Lubeerera mu Kyo mwe mbeera. Kati musabe, ku nsonga eyo, munsabire, wiiki eno, kubanga Ssande ejja nni . . . Mukama nga ayagadde, nnina okubakana n'ekitundu ekyo, eky'okusimba wiiki ezo okulaga ebiseera we zibeererawo. Ate ekyo ky'ekintu kye sirina kye nkimanyiko yadde. Naye ŋŋenda kwesiga Mukama nti Ye anampa eky'okuddamu.

12 Kati nnina ebintu ebiwerako bye—bye nsomye eby'abasajja ab'enjawulo a—abaazoogerako, abaaziwandiikako. Waliwo bye nsomye wano, ku ebyo Dokita Scofield bye yajulizaako, omusajja omuyivu ow'amaanyi, naye eky'amazima alina bingi ku bye yajulizaako, bye ssikkiriziganya naye, kubanga siraba bwe bikwatagana nazo. We . . . Birina—birina okuba nga ekifaananyi bikiggyayo bulungi.

13 Kati, leka tugeze singa obaddeko n'obutundutundu bw'akakunizo obw'enjawulo bw'olina okugatta awamu, ggwe n'omala gabugatta nga bw'olaba, n'ogamba nti, "Ha, kano akatundu kagenda *wano* eno. Nedda, nkakasa kano kagenda *wano*." Naye, kibeera kikwetaagisa okukeberako wano ku kifaananyi kyennyini eky'akakunizo ako ekiba kikuweereddwa, okusobola okulaba ky'okola. Era bw'o—bw'otakikola, owunzika obutundutundu bw'akakunizo bwonna bwonna obutabuddetabudde.

14 Kati watya singa obeera olina oku . . . watya singa owunzika nga mu butundutundu bw'ogassegasse ekifaananyi ky'olina kiraga akaalo amakula, akalabika obulungi, naye nga ente omuddo eguwanula waggulu ku muti? Kati, ekifaananyi eky'engeri eyo tekyandibadde kituufu (si bwe kiri?), kubanga ente omuddo teguwanula waggulu ku muti. Kati, ekyo kye kibaawo bw'o, ggwe nga ggwe, Omwoyo Omutukuvu bw'atakwata Byawandiikibwa ebyo n'abikusimbira nga bwe birina kuba. Olwo, n'ofuna ekifaananyi ekikulu eky'awamu, eky'obununuzi. Kati ekyo kye twetaaga, Amazima. Era okutuusa nga tutegedde Amazima, tujja kukireka bulesi tetujja kukyogerako. Tulinde okutuusa, Katonda lw'alituwa Amazima, olwo, olwo ndyoke nkyogereko.

15 Kati mubadde mumanyi? Ndowooza Ow'oluganda Roy Slaughter ne—n'abamu ku bantu be twali nabo edda, be twatandika nabo edda eri . . . Ndowooza okumala, nga, emyaka

nga esatu oba ena egyasooka egy'obuweereza bwange, wano wennyini mu kkuŋŋaaniro lino, nnali ssisobola na kubuulira ku kyakuyigako kikwata ku ggeyeena, kubanga nnali—nnali sibyawula oba nga kifo ekyaka n'omuliro, oba nga ntaana. Era buli mulundi Ekigambo lwe kyayogeranga, *entaana*, nga okuvvuunulwa kwe nfuna, kugamba nti ge, "*Magombe*." *Amagombe* ye "entaana." Buli mulundi lwe Kyayogeranga ku ggeyeena nga ntegeera, "*Magombe*, entaana." Ne nkivaako okutuusa lwe nnakakasa nti ddala kye njogerako nkyekakasa era nkitegeera, olwo ne ndyoka mbuulira ku ggeyeena, bwe nnazuula, ekifaananyi ekijjuvu ne ndaba ne gy'eri. Kubanga, nzikiriza nti omuweereza avunaanyizibwa eri Katonda, ku ebyo by'abuulira ekibiina ekyo, kubanga ku ebyo kwe bagenda okwenywereza. Naye kati, ate, watya singa mbaleetera okwenywereza ku kifo ekikyamu, ate ekiseera ne kituuka nga awo we mwenywerezza tewakyayinza kuyimirira? Mukiraba?

Ne mu kwolesebwa kuli Mukama kwe yampa, ebbanga eriwerako eriyise, obukadde n'obukadde bw'abantu abo we. . . Oyo eyali ayogera nange, bwe yaŋŋamba nti, "Oliramulwa, okusooka, okusinziira ku Njiri gy'obuulira."

16 Ne mmugamba nti, "Mbuulira ekintu ky'ekimu Pawulo kye yabuulira, n'abalala bonna kye baabuulira."

17 Awo obukadde n'obukadde bw'amaloboozi g'abantu abo bonna ne boogerera waggulu nga bagamba nti, "Ku ekyo kwe tuwummulidde." Ekyo kyali kimala. Mukiraba? Ddala.

18 Kale kati njagala nkyongerezeeko akawungeezi kano, kati, n'olwekyo tetugenda kulwawo nnyo. Ate kati temwerabira. . . Kati, ku makya ga leero. . . Nnina wano ebintu ebitonotono eby'okujulizaako bye nnawandiise. Ku makya ga leero nnayogedde ku Danyeri nga ali mu buwambe, nga Gabulyeri ajja gy'ali era nga amuwa ebiragiro ebikwata ku biseera eby'omu maaso. Ekyo kye twayogeddeko ku makya, ebiragiro ebikwata ku biseera eby'omu maaso.

19 Kati, akawungeezi kano, twogera ku *Ebigendererwa Omukaaga Eby'Okukyala Kwa Gabulyeri Eri Danyeri.* Ate Ssande ejja, Mukama bw'anaaba ayagadde, tujja kuba tusimba wiiki ezo ensanvu, mu biro byazo ebituufu, mwe zibeerererawo. Kati kiseera ki kino kye tulimu? Kati, ekyo singa tunaakifuna ne tukakasiza ddala nti bwe kiri, mu butuufu bwakyo, tujja kusobola okutegeera kaseera ki kennyini mwe tuli. Kati, tetujja kutegeera lunaku ki lw'Anajja; olwo teri n'omu alirumanya. K'abeere Yesu, naye Yennyini talumanyi. Yagamba talumanyi. Yagamba nti Kitaffe, yekka, y'alumanyi. Ka babeere Bamalayika nabo tebalumanyi. Tewali n'omu ku ffe amanyi lunaki ki lw'Alijja, naye tusobola okumanya e—essaawa gy'a. . . ekiseera mwe tuli, ne tutegeera tusembedde kwenkana wa.

20 Kati, okuddako katono emabega, kubanga bino abavubuka babikwata ku ntambi . . . Ebyuma byetooloola mu kasenge emabega wali. Ate nga entambi zino, eky'amazima, ziweerezebwa, buli wamu.

21 Kati, mu ky'okuyigako kye twabadde nakyo ku makya, bwe twamalirizza essuula ey'oku 4 n'ey'oku 5, twakomye ku . . . okutandikira ku ssuula ey'o 9 eya Danyeri. Kale kati, akawungeezi kano, tugenda kweyongera mu maaso n'essuula ey'o 9. Nga tetunnagitandikako, leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera twogereko eri Nnanyini Kigambo.

22 Ayi Katonda waffe ow'ekisa, tukakasa nti ekigendererwa kyennyini ekiri mu mitima gyaffe Okimanyi. Omanyi lwaki tuli wano. Era Okimanyi nti akawungeezi kano tetuzze wano lwa kuba nti twalowoozezza nga kifo kirungi we tusobola okujja, olw'eggulo okuwummulamu. Kitaffe, sikkiriza nga waliwo omuntu yenna eyazze nga ekyo ky'ekigendererwa ekyamuleese. Nzikiriza nti tuli wano akawungeezi kano kubanga tuli beesimbu ddala, era beerufu, nga twagala kumanya BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

23 Tukwagala, ayi Mukama, era twagala Ekigambo Kyo. Era bwe kiba nga ekifo kino ky'Otuwadde, okutubeerera akasolya mwe twewogoma, wamu ne bbulooka zino eza seminti, tukwebaza olw'ekifo. Kubanga, tukkiriza nti bw'osukka obwengula waliyo Amaka, eyo gye twolekedde. Era bwe tulowooza ku bajjajjaffe abaatusooka abataafuna na mukisa guno gwe tulina, kituleetera okukoteka emitima gyaffe mu buswavu, ayi Mukama, okuba nti tusobola n'okwemulugunya.

24 Kaakano, ayi Kitaffe, tukusaba Otubikkulire, akawungeezi kano, Ebyawandiikibwa. Jangu, otambulire, ku ludda lwa buli omu ku ffe, nga bwe tutambula olugendo luno akawungeezi kano. Yogera naffe nga Bwe wayogera ne bali abaali bagenda Emawo, nga bava e Yerusaalemi. Kibeere nti, olukuŋŋaana bwe lunaaba luwedde, ekiro kya leero, tunaddayo buli omu mu maka gaffe nga tugamba nti, "Emitima gyaffe tegyatubuguumiridde munda muffe bwe twabadde tumuwuliriza nga ayogera okuyita mu Kigambo Kye!"

25 Wa omukisa okusoma. Wa omukisa okufuba kwange okutaliimu maanyi, ayi Mukama. Yasamya akamwa kange koogere ebyo ebituufu, era okabunize kaleme okwogera ebyo ebitali bituufu. Weetwalire ekitiibwa, wamu n'ekitiibwa mu bantu Bo, basobole okulaba essaawa mwe tuli wamu n'Okujja kwa Mukama Yesu okusembedde. Kubanga, tukisabye mu Li— Linnya Lye, Erinnya lya Yesu Kristo. Amiina.

26 Kati, okwejjukanyaamu katono mu Byawandiikibwa byaffe, twakizudde nti Danyeri yali yaakamala mu buwambe emyaka nkaaga mu munaana mirambirira. Mukirowoozeeko! Kaakano, eri mmwe, abalina empapula zammwe wamu n'ekkalaamu

zammwe enkalu, kino abataakiwulidde ku makya, musobola okuzikwata ne mukiwandiika akawungeezi kano. Okuva mu mwaka A.D. 606 okutuuka mu mwaka 538. Kwata 538 ogyawuze okuva ku 606, ofuna emyaka nkaaga mu munaana nga gy'egyo Danyeri gye yali yaakamala mu. . .nga muwambe; nga talina kkanisa yonna gy'asobola kugendamu kusaba, nga talina bubaka bwonna bwa kubuulirwa kwa njiri bw'asobola kuwuliriza, nga talina kintu kyonna. Wabula yalinayokko ku bitabo, emizingo, okwali obunnabbi bwa nnabbi eyaliwo nga ye tannabaawo, era nga oyo yali—yali Yeremiya.

27 Kati, nga bwe yeekenneenya Ebyawandiikibwa, yakizuula nti ekiseera kyali kiweddeyo, nti ekiseera ekyo eky'emyaka ensanvu. . .Ate Danyeri yakkiriza buli kigambo Yeremiya nnabbi kye yayogera n'omutima gwe gonna. Nange njogera kino, eri ekibiina kyange kye njigiriza akawungeezi kano: Bannabbi baffe tubakkirize? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Yee, ssebo. Kubanga, Ekigambo kya Mukama kyajjanga eri bannabbi. Be balina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Era nnabbi omutuufu talyawukana kuva ku—ku kigambo kya nnabbi omulala. Ekigambo talikyogeza kintu kye Kitayogera. Ajja kwogera ekyo kyennyini nnabbi omutuufu kye yayogera, ekyo kye kimufuula nnabbi. N'olwekyo bwe bakifuna, bagenda mu maaso ne balagula ekinaabaawo, oluvannyuma lw'okutegeera kino, era nga balina okutya mu mitima gyabwe, sikulwa nga babaako ekintu ekikyamu kye boogera ekiyinza okubaako omuntu yenna gwe kiwabya. Ekyo tetwagala kukikola. Twagala tusooke tukakasize ddala awatali kakunkuna konna nti kye tufunye kye Kigambo kya Mukama nga tetunnayogera nti BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mukiraba? Buteekwa kuba bubaka obukakasiddwa, obuvudde butereevu ku Ntebe ya Katonda, bwe butaba bwe butyo tetusaanye kubwogera.

28 Kati, nga bwe yeekenneenya nga asoma Ebyawandiiibwa, yakizuula nti emyaka ensanvu gyali giweddeyo. Kati, nga bwe yali yaakamalayo emyaka nkaaga mu munaana, kyali kitegeeza nti waali wabulayo emyaka ebiri mu maaso Katonda azzeeyo abantu Be mu nsi yaabwe.

Aba ali mu kusaba, twakirabye nti waliwo Malayika ow'amaanyi eyakka okuva mu Ggulu. Waliwo omuntu yenna asobola okutubuulira erinnya Lye? [Ekibiina kiddamu nti, "Gabulyeri."—Omuk.] Gabulyeri. Era nga Ye Malayika eri ekkanisa y'Abayudaaya. Ekyo bameka abakimanyi? Buli w'osoma, Gabulyeri gw'osangawo. Gabulyeri ye mubaka eri ekkanisa, ekkanisa y'Abayudaaya; ye yajja eri Malyamu; ye yajja eri Zaakaliya. Buli mulundi, yabanga Gabulyeri. Era y'Omu ku Bamalayika abakulu mu Ggulu. Era okulamusa kwe yaleeta eri muganda waffe Danyeri okuva eri Katonda nga kwali kwa kyewuunyo ddala! "O, Danyeri, omwagalwa ennyo!"

29 Ggwe ekyo tekyandikuleetedde okuwulira obulungi, okukirowoozaako nti Katonda akwagala? Ne bwe ssandibadde mwagalwa nnyo, naye era nnandyagadde nkitegeere nti waakiri njagalwa waggulu Eyo, ggwe tewandikyagadde? Ddala. Kale waakiri . . . Andowoozaako, obw'olumu, nyabula kyandinteetedde okuwulira nga njagala kuleekaana, okukirowoozaako obulowooza nti Anfaako. Naye ate tulina obukakafu obulaga nti Atufaako, kubanga, "Bwe twali tukyali boonoonyi, Kristo yafa mu kifo kyaffe," ow'oluganda. Era, kaakano, ffe abaali abagwira eri Katonda, kaakano yatusembeza kumpi ne Katonda era atuwadde omusingo gw'obulokozi bwaffe, nga, ye Mwoyo Omutukuvu. Wamu n'okukkiriza okutusitula ne kutusuumusa waggulu w'ebintu by'ensi, ne tuseeyeeyeza waggulu waabyo. Ekyo kya kitiibwa nnyo. Si bwe kiri? Kale.

30 Nga ali mu kusaba, Gabulyeri yajja n'amutegeeza, si kimu kyokka kya kuba nti waali wabulayo emyaka ebiri baddeyo mu nsi yaabwe, wabula yamutegeeza na byonna ebyali bigenda okutuuka ku ggwanga eryo ne gye lirikomekkerereza. Kirowoozeeko! Byonna byonna ebyalina okubaawo ne gye likomekkerereza, olugendo lwalyo lwonna olw'oku nsi, byonna Gabulyeri yabinnyonnyola Danyeri. Yagamba nti Yali atumiddwa okutegeeza Danyeri ekintu kino ekikulu. Nnabbi oyo nga ateekwa okuba nga yawulira bulungi nnyo! Era Yamutegeeza nti waali walagiddwa wiiki nsanvu eri abantu okutuusa byonna okutuukirizibwa; nga eyo y'enkomerero, kitegeeza byonna biwedde, okutuukirizibwa kwa byonna. Yagamba nti, "Waliwo wiiki nsanvu."

31 Ezo abamu bazinnyonnyola nga myezi, abalala nga nnaku, abalala . . . Kweggamba! Bwe ziba nga ddala wiiki nga bwe kigamba awo, kyandibadde kitegeeza lyali bbanga lya myaka nga ebiri ne kimu kya kuna eky'omwaka, manyanga omwaka gumu ne kimu kya kuna eky'omwaka. Kale, mulaba, mmwe . . . Ekyo kye zitegeeza kye twetaaga okuzuula, okukiggyayo nga bwe kirina okuba.

32 "Wiiki ensanvu ziragiddwa eri abantu bo." Lwa kigendererwa ki? Ku lwaki? Zaalagirwa eri bantu b'ani? Abantu ba Danyeri, Abayudaaya. Era zaalagibwa lwa nsonga ki? Tezaalagirwa eri Danyeri yekka, wabula zaalagirwa eri ekibuga kya Danyeri ekitukuvu; mukiraba, ekibuga kya Danyeri ekitukuvu. Kati, ekibiina, ekibuga kya Danyeri kyali ki? [Ekibiina kiddamu nti, "Yerusaalemi."—Omuk.] Yerusaalemi.

33 Era kati tugenda kukyogerako, ob'olyawo tujja na kukituukako akawungeezi kano tulabe: Yerusaalemi kyali wa? Ani yatandikawo Yerusaalemi? Ekyo mwali mukirowoozezzaako? Ani yatandikawo Yerusaalemi? Kyatandikibwawo ddi? Tugenda kukituukako, mu kaseera katono. Ani yatandikawo Yerusaalemi? Weewaawo, kabuga akatono akaliko eyo gye keekwese mu kasonda, naye Ekigambo

ddala kikoogerako. Yee, ssebo. Ani yatandikawo Yerusaalemi, era kyatandikibwawo ddi? Kale. Kati ekyo kye kibuga kya Danyeri ekitukuvu.

34 Era tukitegeera nti ekibuga ekyo, mu kiseera kino ekibadde ekikolimo okumala emyaka enkumi bbiri, kiriddamu ne kizimbibwa era kiriddamu ne kisimbibwa ne kinywezebwa. N'okusinza kw'omu yeekaalu kulizzibwawo nate nga bwe kwali ku lubereberye. Ekyo ddala bwe kiri. Yerusaalemi kirizimbibwa nate, kaakano, era walibaawo ssaddaaka, ekiweebwayo ekya buli lunaku kiriddamu ne kiweebwayo nga bwe gwali ku lubereberye. Ebisinga obungi ku ebyo tugenda kubyogerako, ndowooza, akawungeezi kano, kabekasinge byonna.

35 Kati njagala mutegeere, ab'emikwano, nti, nga bwe nnojjola ku bintu bino, eky'amazima waliwo ebintu ebirala biyitirivu eby'okuyigako bye nkoonako obukoonyi ebiyinza okututwalira wiiki eziwererako ddala nga tubiyigirizaako. Naye mbyogerako bwogezi, kibeere nti embeera y'obudde bw'enaateereeramu ebbugumu ne likendeeramu, oba oluvannyuma lw'akaseera, bwe tulikwata ku Bubonero obwo Omusanvu, Ebibya Omusanvu, Amakondeere Omusanvu, na bino byonna, ndiba nsobola okubajjukiza ku bye twayigako ne mbabuuza nti, "Mujjukira bye twayiga ku wiiki za Danyeri ensanvu? Mujjukira bye twayogera ku mulembe gw'Ekkanisa, bwe yasitulibwa n'etwalibwa, na kiki ekyaddirira?" Ate wiiki za Danyeri zino ensanvu zitwaliramu ekiseera ekyo kyonna okuva Ekkanisa lw'esitulibwa n'etwalibwa okutuusa Ekkanisa lw'ekomawo. Wiiki ezo ekyo kye kiseera kye zimala. Kati, kaakati, si wiiki za Danyeri zonna ensanvu nti zigwa mu kiseera ekyo; wabula ekitundu kyazo. "Wiiki nsanvu ziragiddwa."

36 Kati, waaliwo ebigendererwa mukaaga mu kukyala Kwe, nga amutegeeza ebyali bigenda okubaawo. Kati, waaliwo ebigendererwa mukaaga eby'okujja Kwe. Kaakano, akawungeezi kano, ndowooza tugenda kutandikira ludda wano eno mu Byawandiikibwa we twabadde ku makya, ebigendererwa bino omukaaga we byabadde. Waawano. Kati twakirabye nti waaliwo ebigendererwa mukaaga, ekimu ku byo. Kati leka tusome . . . essuula -kuna, ku . . . olunyiriri -kuna . . . olunyiriri olwa 24 olw'essuula ey'o 9 eya Danyeri.

Era *sabbiiti ensanvu ziragiddwa abantu bo* . . .

Kati mujjukire nti, olwo lwe lugendo lwonna Abayisiraeri lwe balitambula ku nsi kuno. Baagerekerwa. Wiiki nsanvu ze zokka ze baagerekerwa. Abayudaaya ze zokka ezaabagerekerwa.

. . . *eri abantu bo n'eri ekibuga kyo ekitukuvu,* . . .

N'olwekyo, wiiki zino ensanvu, kati temukisubwa, zijja kubikkula okuva mu kiseera ekyo okutuusa ku kukomekkereza kw'Abayudaaya, n'okutuusa ku kukomekkereza

kwa Yerusaalemi, okutuusa lwe walizimbibwa ekibuga ekipya. Kaakati, ha, ka nsuubire nti tunaakisima, ne tukiyingirira ddala mu buziba, akawungeezi kano.

. . . *ziragiddwa abantu bo n'ekibuga kyo ekitukuvu,* . . .
(Okukola ki?) . . . *okukomya okwonoona,* . . .

37 Kati biki bye Yamutegeeza? Ye yali agezaako okumanya ekiseera kyenkana wa ekyali kisigaddeyo. "Mmanyi nga tuli mu kiseera kya nkomerero." Era nga kye tulimu ne kaakano, "Mukama . . . "

38 Bameka abali mu kibiina kino, akawungeezi kano, abakkiriza nti tuli mu kiseera kya nkomerero? Muddeemu nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mwebale. Tuli ku nkomerero. Kaakano tugezaako okuzuula, nga Katonda atuyambye, kiseera kyenkana wa ekikyasigaddeyo. Kaseera ki mwe tuli? Eyo y'ensonga lwaki tuddayo emabega ne twekenneenya bannabbi bano, n'ebirala byonna, tugezeeko okutegeera wa we tuli.

39 Ne Danyeri ekyo kye yakola. Yamalirira okunoonya Katonda. Leero bameka abaasomye Danyeri essuula ey'o 9? Muyimuse emikono gyammwe. Kale. Essaala ye mugiraba, nga bwe yeeneenya ku lw'ebibi by'abantu be, ne ku lw'ebibi bye. Yayagala akakase nga azuula ddi lwe baali ab'okuddayo, kubanga yali ayagala ateeketeeke abantu beetegekere okuddayo.

Kati, nange kye ngezaako okukola, kwe kuzuula ddi lwe tunaasitulibwa, nteeketeeke abantu beetegeke okusitulibwa, abo abanaaba beteeseteese. Era tumaliridde okunoonya Katonda, okuyita mu kusaba n'okwegayirira, okuzuula nga tubuuza nti, "Mukama, kiseera ki kino mwe tuli?"

40 Ebintu bino byonna eby'enjawulo tubiraba nga bituukirira; ensi tugiraba nga eri mu kavuyo. Tulaba nga ekiseera kisembedde. Ob- . . . waliwo omukono oguwandiise ku kisenge, buli kimu kyonna Katonda kye yayogera. Tuwulira Pulezidenti w'eggwanga lyaffe ayogera ku lutalo olulala olubindabinda. Tuwulira okuteebereza okugamba nti, "Mu bbanga liti, o, mu ssaawa ntono nnyo nga olutalo luwedde, kiteeberezebwa nti amawanga gajja kuba lunyata olubengeya." Ate tumanyi nti eby'okulwanyisa ebyo tubirina.

Kale tukimanyi nti, nga ekyo tekinnabaawo, Ekkanisa erina okusooka n'egenda. Kati, "Ayi Mukama, tuli wa wennyini?" Eyo y'ensonga lwaki nzikiriza nti Ajja kuzitubikkulira. Tumaliridde okuzuula kye zitegeeza. Kaakati, okusooka, leka tulabe.

> *Sabbiiti nsanvu ziragiddwa* ku *bantu bo . . . ekibuga kyo ekitukuvu, okukomya okwonoona, . . . okumalawo* ekibi, *n'okutabaganya olw'obutali butuukirivu, . . . okuyingiza obutuukirivu obutaliggwaawo, . . . okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo*

ebyalangibwa, n'okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu.

41 Ebyo bye byali ebigendererwa omukaaga eby'okukyala kwa Gabulyeri.

42 Kati leka tutandike, n'ekisooka. Bwe muba mwagala okubisazaako emisittale mmwe abalina ekkalaamu enkalu. Ekisooka, "Okukomya okwonoona," ekyo ky'ekisooka. Kaakati, okukomya okwonoona kwa Isiraeri, abaayonoona eri Katonda, kulibeera okuggyawo obutali butuukirivu bwa Yakobo.

Kati, kino okusobola okufuna we kiri, leka tubikkule mu Abaruumi. Essuula ey'e 11 ey'Abaruumi, tutandikire ku lunyiriri olwa 21 olw'essuula ey'e 11 ey'Abaruumi. Kati kiki kye tunoonya? "Kukomya okwonoona." Abaruumi 11:21. Kale.

> *Kuba oba nga Katonda teyasaasira* ttabi lya *buzaaliranwa*, . . . (Nga be b'ani? Isiraeri.) . . . *naawe weegendereze si kulwa nga . . . talikusaasira.*

Kati, njagala, bwe munaaba muzzeeyo eka, musome essuula eno yonna ey'e 11. Nze nsomako nnyiriri zino zokka nsobole oku . . . Mmwe essuula yonna mugiwandiike, muddeyo mugisome.

> *. . . talikusaasira.*
>
> *Kale laba obulungi . . . obukambwe bwa Katonda: eri abaagwa, . . . naye eri ggwe bulungi, bw'onoobeereranga* mu *bulungi: bw'otoobeererenga . . . oliwogolwa, naawe oliwogolwa.*
>
> *Era nabo, bwe bataabeererenga mu butakki- . . . bwe bataabeererenga mu butakkiriza bwabwe balisimbwawo: kubanga Katonda ayinza okubasimbawo nate.*

Mukiraba, nga atutegeeza nti walibaawo ekiseera Ab'amawanga lwe balisalibwako, Isiraeri n'ekomezebwawo.

> *Kuba oba nga ggwe wawogolwa ku—ku muzeyituuni ogwali ogw'omu nsiko mu buzaaliranwa* (Ab'amawanga), *n'osimbibwa mu muzeyituuni omulungi obutagoberera buzaaliranwa . . .*

Twali tukontana n'obuzaaliranwa, nga tuli bagwira, nga tetulina kusaasirwa, nga tetulina Katonda, nga tetulina ssuubi yadde. Naye Katonda, olw'okusaasira Kwe, okusobola okutuwa akakisa, yasalako Isiraeri abaali abatuukirivu olw'okwonoona kwabwe, n'abasuula ebbali, aba- . . . omuzeyituuni ogw'obuzaaliranwa, n'awagikawo omuzeyituuni ogw'omu nsiko, ogwali gukontana n'obuzaaliranwa.

> *. . . n'osimbibwa mu muti . . . omulungi: abo amatabi ag'obuzaaliranwa, tebalisinga nnyo okusimbibwa mu muzeyituuni gwabwe bo?*

Kale, leka tweyongere okusoma.

Kubanga ssaagala mmwe, ab'oluganda, obutamanya kyama kino, mulemenga okubeera ab'amagezi mu maaso gammwe mwekka; ng'obukakanyavu bwabeera ku Bayisiraeri mu kitundu, bwabeera *ku* Isiraeri, *okutuusa okutuukirira kw'Ab'amawanga . . . lwe kulituuka.*

43 Isiraeri baazibibwa amaaso, okutuusa Katonda lw'alimaliriza okukolagana n'Ab'amawanga. Baawabira mu bibi n'okwonoona eri Katonda, kubanga Katonda yabaziba amaaso, ffe tusobole okuwagikibwamu. Mukitegeera? Kati olunyiriri olwa 26:

Era bwe kityo Abayisiraeri bonna balirokoka: . . .

44 Katonda yabaziba amaaso kagenderere ku lulwo nange. Tebasobola kulaba, kubanga Katonda yabaziba amaaso. Naye Abayisiraeri bonna, Abayisiraeri bennyini ddala, balirokolebwa. Malayika yagamba atya? Ekitiibwa! "Okukomya okwonoona kwa Isiraeri! Nzize okukutegeeza nti ekiseera kijja okwonoona kwa Isiraeri lwe kulikoma." Ettabi eryo ery'omu nsiko Katonda aliritemako, n'addamu n'asimbawo, nate, ettabi liri ery'obuzaaliranwa.

45 O, ekyo ebiseera ebimu kireetera omutima gwange okubugujja, bwe ndaba abantu abo bambi, abali eruuyi eri abanaku abaasalibwako, abatamanyi wa gye boolekedde; bwe nkirowoozaako nti Katonda, mu kusaasira Kwe, yakikola nsobole okulokolebwa. Yabaziba amaaso baleme okulaba Masiya waabwe, n'aziba amatu gaabwe baleme okumuwulira; nga ate, baalaba ebyamagero Bye, ne beekaliririza ddala ebyamagero Bye bye yakola n'ebintu bye Yali akola.

46 Matayo, nzikiriza, essuula ey'e 12, oba ey'o 8 oba essuula ey'e 12, wagamba nti, "Naye newankubadde nga Yesu yakola ebyamagero bingi ebyenkanidde awo, era tebakkiriza." Kubanga, Katonda yayogera n'agamba nti, "Balina amaaso naye tebalaba, n'amatu balina naye tebawulira; si kulwa nga balaba n'amaaso gaabwe n'okuwulira n'amatu gaabwe, ne Mbakyusa." Naye, ffe okusobola okufuna akakisa, Yabikka olutimbe ku maaso g'abaana Ababe ku Bubwe n'abaziba amaaso baleme okulaba, n'agoba Ababe ku Bubwe okuva ku lujjuliro, n'abaleetera okubeera abakovvu olw'obutaba na Mwoyo, Asobole okufuna . . . tusobole okufuna akakisa okubeera abalamu, nga atuwa Obulamu. Leka tuddemu tusome olunyiriri olwa 26, nate.

Era bwe kityo Abayisiraeri bonna balirokoka: nga bwe kyawandiikibwa nti, Muliva mu Sayuuni Awonya, era aliggyawo obutatya Katonda mu Yakobo:

47 Weewaawo, Alijja ku Lusozi Sayuuni, olumu ku nnaku zino. Ku Lusozi lw'Emizeyituni, balimutegeera, era Isiraeri yonna

erimumanya nti ye Ye. Ab'amawanga mu kiseera ekyo ebyabwe biriba byaggwa. Ettabi eryo eryali lyasimbibwamu, Katonda alirinogako ebibala ebizze bikuŋŋaanyizibwa. Era ettabi eryo ery'omu nsiko liri . . .

48 Kati mujjukire nti, emabega wano nga bw'osoma, Yagambye nti, "Ekikolo bwe kiba nga kyali kitukuvu, ate nga ekikolo ekyo kyali Kikolo ekitukuvu, n'ebibala ebibala okuva mu Kikolo ekyo ekitukuvu nabyo biribala ebibala ebitukuvu." Kaakati oba nga Ekikolo ekyo yali Yesu Kristo, Oyo Ekikolo era Omuzzukulu wa Dawudi; Obulamu obwo obwamulimu, bwe buba nga bwalina kutambulira mu luse lw'Abayudaaya naye ne bubasalibwako, n'amaaso gaabwe ne gazibwa ffe tusobole okulaba, kitegeeza obulamu bwaffe bulina okufaanagana n'obw'Ettabi eryo ery'omukisa. O, weewaawo, ow'oluganda. Ddala bwe kiri.

49 Katonda yabasalako, kagenderere, n'abaziba amaaso ffe tusobole okufuna akakisa okulaba, nga atuwa akakisa. Bwe tuva awo ne tutambula nga ab'ekitalo ennyo. Pawulo abagamba wano nti, "Mwegendereze, engeri gye mukikolamu. Mwegendereze! Kuba oba nga Katonda teyataliza ttabi ery'obuzaaliranwa, Alisaasira atya ettabi ery'omu nsiko eryamala edda oku . . . "

Kati tutambulatambula nga bwe twenyumiriza, mbu, "Ndi Mupulesibateriyani! Ndi Mumesodisiti! Ndi Mubaputisiti! Ndi Mupentekoote!" Ebyo eri Katonda tebiriimu makulu yadde n'akatono. Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri nga ozaalibwa Omwoyo Omutukuvu ava mu Kikolo. Naye Yajja . . .

50 Kati, mujjukire nti, Tayogera ku B'amawanga. Kino nkiggassemu bugassi musobole okulaba wa Ab'amawanga akakisa ke balina we baakajja.

51 Wabula, Ajja "okukomya okwonoona," okukukomekkereza. Kati, nate bwe tuddayo mu Danyeri, era tujja kukiraba nti mu Danyeri, tukiraba wano eno, mu lunyiriri olw'a 24. Kale. "Okukomya okwonoona." Okukomya ki? Okukomya okwonoona kwa Isiraeri.

Okwonoona kitegeeza ki? Kwe kubaako ekintu ky'ojeemera. Ggwe okwonoona gyendi, kwe kubaako ekikyamu ky'onkola. Nze okwonoona gy'oli kwe kubaako ekikyamu kye nkukola.

N'olwekyo, Isiraeri balina ekikyamu kye baakola Katonda. Kati mu wiiki eno ey'ensanvu, kiki ekigenda okubaawo? Katonda agenda kukomya okwonoona kwa Isiraeri. "Okukomya okwonoona," kulibeera, "okuggyawo obutali butuukirivu bwa Yakobo." Era ekyo bwe kiribaawo Abaisiraeri bonna balizaalibwa omulundi ogw'okubiri. Bonna balifuna Omwoyo Omutukuvu.

Kati, eky'okubiri, mukiwandiike ku mpapula zammwe.

52 Ekyo tusobola okukimalako ekiseera ekiwanvu, naye ssaagala kutandika kukibuulirako. Njagala kukyogerako bwogezi, musobole okubaako ne kye mukitegeerako. Bwe tunaakwata ku Bubonero buno Omusanvu, olwo mweyongereyo muyite mu Kkanisa, muyite mu Bubonero, muyite mu Kawumpuli, mutegeere wa we tuyimiridde. Kale.

53 Eky'okubiri, "Okumalawo okusobya." Kati lekka tuddemu tusome, Danyeri.

> *. . . okukomya . . . okwonoona, n'o—n'okumalawo okusobya, . . .*

Ekyo ky'ekyali ekigendererwa ky'okujja Kwe eky'okubiri. Ekisooka, kwali kukomya okwonoona kwa Isiraeri; n'okumalawo okusobya. Isiraeri yayonoonera wa? Wa we baakolera ekibi kyabwe ki kanaaluzaala? Wa we beeyawulira ku Katonda ne bamuvaako?

54 Kati muwulirize bulungi. Leka tubikkule mu njiri y'Omutukuvu Matayo 24. Era wano Isiraeri we baakolera ensobi yaabwe ey'obulabe ennyo. Wano we baakolera ekibi ki kanaaluzaala, era ekyabaviraako n'okubeera mu mbeera gye balimu na buli kati. Matayo, essuula eya 27 ey'Enjiri y'Omutukuvu Matayo, n'olunyiriri olwa 25 olw'essuula eya 27. Leka tutandikire awo ku—ku lunyiriri olwa 21.

> *Naye ow'essaza n'addamu n'abagamba nti, Ku abo bombi aluwa gwe mwagala mmubasumululire? Ne bagamba nti, Balaba.*

Kati mujjukire nti, eyo Isiraeri be baddamu ekyo. "Balaba!"

> *Piraato n'abagamba nti Kale nnaakola ntya . . . Yesu ayitibwa Kristo?* (Muwulire kye baddamu!) *Bonna ne bagamba nti Akomererwe.*

Mujjukire nti, oyo ye Masiya waabwe Danyeri gwe yayogerako eyali agenda okujja. Mujjukira leero ku makya, mu ky'okuyigako kye twabadde nakyo wano nti, "Alisalibwako, si ku lulwe Ye," si ku lw'ekintu kyonna kye Yakola.

> *. . . Akomererwe.*
>
> *Naye ow'essaza n'agamba nti, Lwaki, ekibi ky'akoze kiruwa? Naye ne bakaayana nnyo, ne bagamba nti Akomererwe.*
>
> Awo *Piraato bwe yalaba nga taasobole n'akatono, era . . . nga bayinze okukaayana,* kye yava *addira amazzi, n'anaaba mu ngalo mu maaso g'ekibiina ng'agamba nti, Nze siriiko kabi olw'omusaayi gw'omuntu ono omutuukirivu: musango . . . gwammwe.*

55 Muwulirize! Eno y'ensobi gye baakola. Kino ky'ekibi kye baakola.

Abantu . . . ne baddamu ne Bagamba nti Omusaayi gwe gubeere ku ffe, ne ku baana baffe.

56 Weewo we baakikolera. Yali amalawo okusobya kwabwe. Yandikoze ki ekirala okuggyako okubasonyiwa, nga akimanyi bulungi nti Yalina okubaziba amaaso, ffe tusobole okuyingizibwamu? Kirabika nga abaana Be Bennyini abaali beewerera okuyiwa Omusaayi Gwe. Naye baali baazibwa amaaso, era Yali akimanyi nti baali baazibwa amaaso. Eyo y'ensonga lwaki Yabakaabira basobole okusonyiyibwa. "Basonyiwe, Kitange, kubanga kye bakola tebakimanyi." Baali baazibwa amaaso. Ku lwaffe baazibwa amaaso. Kino baakikola mu butakkiriza bwabwe. Naye bwe baliddamu ne bamulaba . . . Amiina!

57 "Okumalawo ekibi." Ekibi kye kiki? Butakkiriza. Tebakkiriza nti y'eyali Masiya. Baalemwa okumulaba nti ye Masiya, nga ate Yakola buli kabonero Masiya ke yali ateekwa okukola. Naye tebaasobola kukiraba. Baali baazibwa maaso.

58 N'olw'ensonga eyo bwe mulaba abantu nga bawoza mbu, "Nze sikkiriza mbu Katonda awonya. Sirina we nkiraba. Bino eby'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu sirina we mbiraba." Temubanyiigira; bazibe ba maaso. Bagamba mbu, "Nze bino eby'Obubaka obw'Okujja Kwe sirina we mbiraba. Bino eby'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu sirina we mbiraba. Sirina we ndaba bya zzadde lya musota. Nze bino ebintu sirina we mbiraba." Bazibe ba maaso, naye tebakimanyi bumanya. Mubasabire busabizi. Kale.

59 Mu butakkiriza bwabwe; naye, bwe balimulaba, bw'Aliba akomyewo, kirikomya obutakkiriza bwabwe. O, bannange! Leka tusooke tubikkule mu Lubereberye essuula eya 25, essuula eya 45, tubeeko e—ekifaananyi kye tulaba ekyoleka ekyo. Nninawo wano bye nnawandiise, okuva mu Lubereberye 45, eri mmwe abawandiika bye tuyigako. O, nga njagala nnyo Enjiri eno ennungi ey'edda! Kale. Kati tumanyi wa we tuli.

Mumpulira bulungi, abali emabega mu kizimbe? Muyimuse ku mikono gyammwe bwe muba nga mumpulira bulungi. Akazindaalo kansemberedde nnyo.

60 Kati, tugenda kubaako ekitundu kye tusoma okuva mu Kyawandiikibwa kino. Njagala muwulirize, mmwe abatalina Bayibuli zammwe. Mmwe abalina Bayibuli zammwe, tusoma mu Lubereberye. Okusooka, leka tutandikire mu ssuula eya 44, okuva ku lunyiriri olwa 27.

61 Woogera ku Yusufu, ate Yusufu yali kifaananyi ddala kyennyini ekyali kyoleka Kristo. Ekyo tukimanyi. Bameka abakimanyi? Baganda be baamukyawa. Lwaki? Kubanga yali wa mwoyo, yalabanga okwolesebwa, yavvuunulanga ebirooto. Yali musajja wa mwoyo mu baganda be, bwe batyo ne bamukyawa. Naye kitaawe n'amwagala.

Ne Yesu bw'atyo bwe yakyayibwa amakanisa ag'ebibiina by'amadiini, naye n'Ayagalibwa Kitaawe Katonda. Lwaki gaamukyawa? Kubanga Yali wa mwoyo. Kubanga . . . Baayogera, baagamba mbu Yali mulubaale, yali ssetaani.

62 Mujjukira baganda ba Yusufu kye baamugamba? "Ssekalootera wuuyo azze." Mukiraba? Mukiraba, ekintu ky'ekimu. Era Yusufu baamutunda kyenkana omuwendo gwe gumu nga Yuda gwe yatunda Yesu, ebitundu asatu ebya ffeeza. Baamusuula mu kinnya, ne bagenda ne bagamba kitaabwe mbu waliwo ekintu ekyamutta, mbu yafa. Naye yaggyibwayo mu kinnya ekyo. Kristo yasuulibwa mu kinnya, naye n'aggyibwayo. Era bwe yaggyibwayo n'agenda mu kifo ekyali kisingayo obukulu ku nsi. Amiina! Yusufu yagenda ku mukono ogwa ddyo ogwa Falaawo; ne Yesu yagenda ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. Mu kukemebwa kwe, nga tannagulumizibwa . . . Yesu, bwe Yali tannagulumizibwa, yasooka kuyita mu kukemebwa.

63 Weewaawo, nzikiriza yali Billy Sunday, omubuulizi w'enjiri nnakinku, eyagamba nti, "Ku buli—ku buli muti kwaliko Bamalayika nga akakadde kalamba nga beetegese, ku olwo lwe baamukomerera, nga bagamba kimu nti, 'Ggwe golola bugolozi omukono Gwo otuwenyeeko. Bino ebigenda mu maaso wano kati tujja kubikyusa mu kaseera mpa we kaaga.'" Naye yali Tasobola kukikola.

64 Kayaafa yagamba nti, "Yeelokola; naye abalala tasobola kubalokola." Teyakimanya nti yali amwogerako kituufu. Singa Yeelokola, abalala Teyandibalokodde. Na bwe kityo, Ye Yeewaayo, asobole okulokola abalala. Mukiraba, amaaso gaabwe gaali gaazibibwa nnyo nga tebasobola kukiraba. Kati ba . . .

65 Kati aba ali mu kugulumizibwa kwe, manya, nga tannagulumizibwa, nga ali mu kukemebwa . . . Mujjukire nti, Yusufu yaggalirwa mu kkomera kubanga teyalina musango.

66 Omuruumi, manyanga ggyenero w'eggye ly'Abayisiraeri, eyali ayitibwa Potifali; Potifali yagenda, n'abaako olugendo olumu lwe yakyalako. Yalina omukyala eyali alabika obulungi okukamala, bw'atyo mukyala we n'ayita Yusufu mu nnyumba okubaako by'akola, n'agezaako okusendasenda Yusufu okukola ekintu ekikyamu. Naye yali mwesigwa eri Katonda. Mbabuulira, lubeerera ba . . .

67 Mmwe abakazi, bulijjo mbakaayuukiddenga; naye kati ŋŋenda kubawolereza, okumala akadakiika. Mukiraba? Omukazi ky'ekibya ekinafu. Nkimanyi tewayinza kubaawo musajja mubi awatali mukazi mubi. Naye mmwe abasajja abakimanyi ekyo, abasajja nga okimanyi nti oli mwana wa Katonda ow'obulenzi, naye ate n'okozesa obunafu bw'omukazi okumusendasenda, oswadde; omukazi k'akole kiki kyonna. Ye nga omukazi kibya ekinafu, era ekyo okimanyi. Singa agenda,

n'atandika, okweyisa mu ngeri emujeeguula nga omukazi, mukwate ku mukono oyogere naye nga mwannyoko. Oli mwana wa Katonda ow'obulenzi. Tokola bintu ebyo ebibi. Labira ku Yusufu, yali kyakulabirako gy'oli.

68 Kati mukyala wa Potifali, omukazi ono eyali omubalagavu, assibwamu ekitiibwa, ow'eddaala erya waggulu ennyo, omu ku bakazi abaali ku ddaala erya waggulu ennyo mu ggwanga, bwe yamwegayirira, n'amusendasenda. Naye n'agaana okukkiriza, omukazi ono kye yava amukwata n'agezaako okumukaka amugwe mu kifuba. Naye omulenzi n'amwetakkuluzaako ekkooti ye omukazi n'agisikambula n'agisigaza, omulenzi n'amwetakkuluzaako n'adduka. Yee, ssebo. Nnyinimu bwe yakomawo, musajja wattu ne bamuwaayiriza, ne bagamba nti omulenzi yali agezaako kukabassanya mukazi oyo, naye omukazi n'aleka e. . . mbu mu kumwetakkuluzaako n'alekayo ekkooti ye. Bw'atyo olw'ekyo n'aggalirwa mu kkomera. Naye, nga ali mu kkomera, era Katonda yali naye, ne bwe baamuteekanga wa yonna.

69 Yali kifaananyi eky'Omwana ow'okukulaakulana. Buli kimu Yusufu kye yakolanga kyalabanga omukisa. Ne Yesu bw'alikomawo mu kufuga okw'Emyaka olukumi, eyo y'ensonga lwaki amalungu galitojjera nga ekimuli kya rooza. Buli kimu ky'Akola kiriraba omukisa. Ye Mwana ow'okukulaakulana. Yusufu buli we wamuteekanga wonna, nga waweebwa omukisa. Yesu buli wantu wonna w'abeera, waweebwa omukisa. N'olwekyo, musembeze mu mutima gwo oweebwe omukisa.

70 Kale kati tukiraba, nti, Yusufu yaggalirwa mu kkomera. Era mu kkomera eyo waaliyo abasajja babiri; omu ku bo yazikirira, ate omulala n'alokolebwa. Yesu, naye mu kukemebwa Kwe nga ali ku musaalaba, omubbi omu yazikirira ate omulala n'alokolebwa.

71 Bwe Yagulumizibwa, n'Agenda ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. Yusufu bwe yagulumizibwa, yagenda ku mukono ogwa ddyo ogwa Falaawo, era tewali muntu n'omu yali asobola kwogera na Falaawo nga tasoose kwogera na Yusufu n'aweebwa lukusa.

Era Yusufu buli lwe yafulumanga olubiri. . . O, bannange! Yusufu buli lwe yafulumanga olubiri, amakondeere gaafuuyibwanga, abasajja ne bamukulemberamu, nga bwe bagamba abantu nti, "Muvunname! Yusufu ajja!" Amiina!

Era ne Yesu bw'aliva ku mukono ogwa ddyo ogw'Ekitiibwa waggulu, amakondeere galivuga. Na buli vviivi lirivunnama, na buli lulimi lulyatula, "Yesu Ajja!" Ddala weewaawo! Naye bwe. . .

72 Naye, mujjukire, bwe yagaanibwa baganda be, kiki kye yakola? Yeefunirayo omukyala okuva mu B'amawanga; yafuna omukyala Omumisiri. Ne Yesu bwe yasalibwa ku baganda

Be mu kiseera kiri, Abayudaaya, Yawasa Omugole okuva mu B'amawanga. Naye kati, nga wayiseewo emyaka egiwera, nga abaana bazaaliddwa, Efulayimu ne Manase, kati alina famire.

73 Awo, lumu, baganda be ne bajja okumukyalira. Mwekkaanye. Ebyabaawo tubimanyi, engeri gye yabategaakantu ako mu bintu byabwe, n'abasindika baddeyo. Ne yeefuula nga atasobola na kwogera lulimi lwabwe; n'afuna omuvvuunuzi, amuvuunulire Olwebbulaniya, nga ate ye kennyini yali Mwebbulaniya. Era muganda waabwe yali azze gye bali. Tebaamutegeera. Yali mulangira ow'amaanyi ennyo.

Ne kaakano we twogerera, Kristo akyalira Abayudaaya, n'awonya abalwadde baabwe n'akola n'ebintu eby'enjawulo, naye era na buli kati tebategeeera Ye y'Ani, Masiya oyo.

Leka tutandikire ku lunyiriri olwa 27 olw'essuula eya 44.

> *Omuddu wo kitange n'atugamba nti, Mumanyi nti mukazi wange yanzaalira—mukazi wange yanzaalira abaana ab'obulenzi babiri:*

> *Omu* ku bo *n'ava gye ndi,* . . .

Oyo ye yali Yusufu, yennyini gwe baali boogera naye.

> *. . .ne njogera nti, Mazima yataagulwataagulwa; nange sikyamulabako:*

> *Era bwe munanzigyako n'oyo, akabi ne kamubaako, muliserengesa envi zange mu magombe olw'okunakuwala.*

74 Baali bagenze n'omuto Benyamini, muto we. Benyamini mumanyi b'ani baayoleka? Ayoleka ekibinja ky'Abayudaaya kino ekipya, bennyini nnakabala abali mu kwekuŋŋaanya awamu eyo mu kaseera kano okukola emitwalo giri ekkumi n'ena mu enkumi nnya, oluse luno—luno olujja. Si bano abayaaye ab'oku Wall Street, nedda, nedda; abo baakwokebwa. Abo si Bayudaaya. Abo si Bayudaaya. Abayudaaya bennyini be bano ba Benyamini abava erudda wano eno, abatawuliranga na ku Kigambo kya Yesu Kristo.

> *Kale kaakano* mujje gyendi . . .ne kitammwe . . .ne *kitange, n'omulenzi nga tali wamu naffe; kubanga obulamu bwe busibiddwa n'obulamu bw'omulenzi;*

75 Katonda Mwene Obulamu bwe busibiddwa wamu ne Isiraeri. Yagiwasa. Ekyo tugenda kukituukako mu ddakiika ntono ddala, nga Mukama ayagadde. Isiraeri Katonda yagiwasa. Obulamu Bwe busibiddwa gy'eri. Nga nange bwe nsibiddwa ne Muky. Branham atudde emabega wali, mukyala wange, era nga naawe bw'osibiddwa ne mukyala wo. Obulamu bwo busibiddwa mu bufumbo obwo. Ne Katonda bw'atyo naye yawasa Isiraeri. Era kyali kiki? Yakobo yagamba nti, "Obulamu bwange busibiddwa mu mwana ono. Nja ku . . . "

Naye *olulituuka bw'aliraba ng'omulenzi tali naffe,* . . .

Yusufu omulenzi ono omuto yali agenda kumusigaza, nga bwe mukimanyi. Ebikwata ku mboozi eno tubimanyi bulungi.

. . . kale *alifa,* kitaawe: *n'abaddu bo baliserengesa envi z'omuddu wo kitaabwe mu magombe olw'okunakuwala.*

Kati muwulire Lewubeeni bwe yeegayirira.

Kubanga omuddu wo ye yeeyimirira omulenzi eri . . . kitange, nga njogera nti Bwe sirikomyawo . . . *bwe sirimuleeta gy'oli, nze ndiba n'omusango eri kitange ennaku zonna.*

Kale nno, nkwegayiridde, omuddu wo abeere wano mu kifo ky'omulenzi . . .

Ha, bannange! Mukiraba, ayimiridde mu maaso ga Yusufu, muganda we yennyini. Ono ye Yusufu, naye takimanyi nti ye ye. O, lindako okufuga okwo okw'Emyaka olukumi lwe kulitandika, ow'oluganda!

. . . kati *mu kifo ky'omulenzi okuba omuddu wa mukama wange; . . .*

Muwulire, bw'amuyita, "mukama we."

. . . *n'omulenzi ayambukire wamu ne baganda be.*

Kubanga ndyambuka ntya eri kitange, n'omulenzi nga tali wamu nange? nneme okulaba akabi akaligwa *ku kitange.*

76 Nga yeegayirira, nga awaayo obulamu bwe! Nga Abayudaaya abo bwe baliyimirira nga banjuluzza emikono gyabwe! Mwekkaanye. Kati mwekkaanye olunyiriri, olwa 45, . . . Muwulirize n'obwegendereza, tekibayitako. "Yusufu bwe . . . "

Awo Yusufu n'alemwa . . . -kuzibiikiririza— okuzibiikiririza mu maaso g'abo bonna abaali *bayimiridde okumpi naye; . . .*

Ow'oluganda, ako ke kaseera ekibi lwe kirikomekkerezebwa. Obutakkiriza bwonna bulibuna emiwabo.

. . . *n'ayogerera waggulu,* n'asaba bafulumye *buli muntu . . . bave gye ndi. Ne wataba muntu ayimiridde naye, Yusufu bwe yali yeeyoleka eri baganda be.*

77 Kiki ekyabaawo? K'abeere mukyala we naye yaddayo munda mu lubiri. O, bannange! Omugole abeera ali mu Kitiibwa, mu kiseera Yesu w'akomerawo (Tujja kukikwatako wano.) okweyoleka ky'Ali.

N'akaaba n'eddoboozi ddene: . . .

Yusufu teyayinza kukyebeera kusukka awo, n'ayogerera waggulu.

. . . *Abamisiri ne bawulira, n'ennyumba ya Falaawo n'ewulira.*

78 Okutuukira ddala eri mu lubiri, baawulira Yusufu nga ayogerera waggulu. Kati, ekyo kyali kifaananyi ekyoleka Kristo nga asisinkana Abayudaaya, abo, b'Amanyi obulungi nti ye Yabaziba amaaso tusobole okuweebwa akakisa. Naye bw'Alikomawo gye bali, okwonoona kwa Isiraeri kuliba kukomye.

Yusufu n'agamba baganda be nti, Nze Yusufu; . . .

Mulowooza Yesu alyogera ki? "Nze Masiya wammwe. Ye nze Oyo gwe mwakomerera."

. . . kitange akyali mulamu? Baganda be ne batayinza kumuddamu; kubanga beeraliikirira mu maaso ge.

79 O, awo leka nsooke nsimbewo akati. Leka tubikkule mu Zekkaliya, essuula eye 12. Mubikkule nange mu Kitabo kya Zekkaliya, essuula ey'e 12 eya Zekkaliya. Kati weesanga nkandaalirizza nnyo nga sinnatandika kubuulira ku kyakuyigako kino, naye ka—ka nsuubire nti siruddeewo nnyo. Naye muli mpulira nga nja—njagala mukitegeere, nkyagala nnyo ddala.

80 Zekkaliya, leka tubikkule mu ssuula ey'e 12 eya Zekkaliya, tulabe kaakano kiki ky'Alyogera bw'Aliyimirira mu maaso ga baganda Be. Zekkaliya 12, olw'e 10. "Okumalawo okwonoona," kati kye tuliko. Kale, essuula ey'e 12 olunyiriri olw'e 10.

81 Mwekkaanye. Kati wano ayogera ku abo abasigalawo; okuzingizibwa kwa Yerusaalemi; ensolo n'amagye ne bitwalibwa, n'ebirala; kati mu kaseera kano ebintu byonna bituuse ku nkomerero; kati wano twolekedde kufuga okw'Emyaka olukumi, kati tunaatera okutandika okufuga okw'Emyaka olukumi.

Era ndifuka ku nnyumba ya Dawudi, ne ku abo abali mu Yerusaalemi, omwoyo (ogwa ki?) *ogw'ekisa . . .*

Amiina! Ekisa ekyewuunyisa!

. . . ku nnyumba ya . . . ku abo abali mu Yerusaalemi (ekibuga kya Danyeri "ekitukuvu"), *omwoyo ogw'ekisa n'okwegayirira: era balitunuulira nze gwe baafumita, era balimukubira ebiwoobe ng'omuntu bw'akubira ebiwoobe omwana we omu yekka, era balimulumirwa omwoyo ng'omuntu bw'alumirwa omwana we omubereberye.*

82 Muwulirize, okukungubaga okulibaawo bw'Aliyimirira awo, nga Abeebikkulira, nga Yusufu bwe yakola! Muwulirize.

Era *ku lunaku luli balikuba ebiwoobe bingi* nnyo ddala *mu Yerusaalemi, ng'ebiwoobe ebya Kadadu- . . .*

Erinnya linnemye okwatula, K-a-d-a-d-u-l-i-m- -o- . . .

. . . Kadadulimmoni mu . . . Megiddoni—Megiddoni.

Era mu *nsi* muliba okukuba ebiwoobe, *buli kika kyokka; ekika eky'ennyumba ya Dawudi kyokka, ne bakazi baabwe bokka;* n'*ekika eky'ennyumba ya Nasani kyokka,* n'ab'ennyumba zaabwe *bokka;*

E. . .nnyumba ya Leevi. . .ne bakazi baabwe n'ab'ennyumba zaabwe *bokka;. . .*n'Abasimeeyi n'abaabwe *bokka;*

N'*ebika byonna ebisigalawo, buli kika. . .ne bakazi baabwe bokka.*

83 Ensonyi ziribakwata, bwe baliyimirira awo ne bakiraba nti Oyo yennyini gwe baakomerera era gwe beegaana, ayimiridde awo, yennyini ye Yusufu waabwe omwagalwa. Waliba okukuba ebiwoobe okutenkanika! Era balimubuuza nti, "Enkovu ezo Waziggya wa?"

84 Naye Alibaddamu nti, "Mu nnyumba ya mikwano gyange." Mulaba kye ntegeeza? Okumalawo ekibi, okumalawo obutakkiriza, ekyo ky'ekimuleeta okukola.

85 Era mu mwaka guno ogw'ensanvu ogwa Danyeri, manya, mu wiiki ey'ensanvu, ajja okumalawo okwonoona, okukuggyawo. Kati mukitegedde? Ekisooka kwe kukola ki? "Okukomya okusobya." "Okumalawo okwonoona." Eky'okusatu, "Okutabaganya olw'obutali butuukirivu." Eri mmwe ababiwandiika.

Mbadde nkyalina ebyawandiikibwa ebirala nga mukaaga ku nsonga eyo, naye mbirese, kubanga ebbugumu liyitiridde obungi. Tetwagala kutwala budde busukkiridde. Njagala mbeeko ne bye njogerako ebiwererako ddala nga bwe nsobola, naye ate saagala kubalwisaawo kisukkiridde. Kale.

86 "Okutabaganya olw'obutali butuukirivu." *Obutali butuukirivu* kwe "kukola ekikyamu," nga bwe baakola ku musaalaba. Yakola okutabaganya, naye tekulibabalirwako. Tekwababalirwako. Lwaki? Kubanga baali baazibwa amaaso nga tebasobola kukulaba. Naye lwaki baazibibwa amaaso?

Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, osanga, leero. . . kiri lwakuba nti ndi muzibe wa maaso." Ggwe weeyagalira okubeera omuzibe w'amaaso. Bo baali bazibe b'amaaso kubanga Katonda ye yabaziba amaaso. Naye ggwe oli muzibe w'amaaso kubanga wakyeyagalira okubeera omuzibe w'amaaso. Ggwe tolinaayo kutabaganyizibwa kwonna. "Bwe mutakkiriza nti Nze Nzuuyo," bw'atyo Yesu bwe yagamba, "mulifiira mu bibi byammwe." Ddala bwe kiri.

87 Kati leka n'era tuddeyo mu Zekkaliya, essuula ey'e 13. Kaakati leka tuwulirize wano. "Okutabaganya." Kati, kino we. . .waliwo omuntu gwe mbadde nnoonya, awulire kino—awulire kino, naye ob'olyawo Mukama anaabaako engeri gy'anaakimutuusaako.

Ku lunaku luli waliba . . .

88 "Ku lunaku luli." Dokita Scofield yawandiika wano mu bugambo obwa wansi, manya mu mutwe gwe yawa ekitundu kino n'agamba nti, "Abaasigalawo . . . Abo abaasigalawo abeenenya nga basongebwa eri omusaalaba."

89 "Okutabaganya olw'obutali butuukirivu." *Obutali butuukirirvu* kye "ekintu ekikyamu ky'obeera okoze, nga okimanyi bulungi, nti obadde tolina kukikola." "Bwe nnaabeera n'obutali butuukirivu mu mutima gwange, Katonda tajja kumpuliriza."

90 Kati, mu Zekkaliya essuula ey'e 13, leka tutandikire ku 1—ku lunyiriri 1.

> *Ku lunaku luli oluzzi luliggulirwa* mu *nnyumba ya Dawudi n'abo abali mu Yerusaalemi olw'ebibi . . . empitambi.*

91 Walibaawo ennyumba eriggulwawo. Mweyongere mu maaso; twandigisomye ne tugimalayo yonna. Essuula eyo njagala mugiwandiike mugisome. Naye mu kaseera kano, nnalambye wano okutandikira ku lunyiriri olw'o 6 tusome okutuuka ku lw'e 10. Kale, kaakano leka tusome, tusome okutuuka ku lw'o 9, manyanga.

> *N'omu alimugamba nti,* wa gye . . . *Ebiwundu ebiri mu* mukono gwo *biki? Awo aliddamu nti, Bye . . . nna . . .* (Leka tulabe.) . . . *aliddamu nti, Bye nnafumitirwa mu nnyumba ya mikwano gyange.*
>
> *Golokoka, Ggwe ekitala, okulwana n'omusumba, n'omuntu ye munnange, bw'ayogera* MUKAMA *w'eggye: tema omusumba, n'endiga zirisaasaana: nange ndissaako omukono gwange ku bato.*

92 Kati, Ekyawandiikibwa ekyo Yesu yakinokola. Mukiraba, "Kuba omusumba, endiga zisaasaane." Naye mwetegereze akatundu akaddako. Yalunokolako katundu ako kokka. Naye mwekkaanye sentensi eddako ky'egamba, ekitundu kyalwo ekiddako. "Nange Ndikyusiza omukono Gwange eri abato." B'ani? Ekibinja kya ba Benyamini kaakano abali mu kukuŋŋanyizibwa. "Ndikyusiza omukono Gwange eri abato."

93 "Kuba omusumba." Isiraeri, okusooka, Isiraeri yakuba Omusumba, endiga zonna ne zisaasaanyizibwa mu nsi yonna. Naye Katonda agamba nti, "Nate Ndikyusiza emabega omukono Gwange, okuggyayo abo abato mu kiseera eky'enkomerero." Ddi? Nga okutabaganya olw'obutali butuukirivu kukoleddwa.

94 Isiraeri balirokolebwa, buli omu ku bo. Leka tubikkule mu Isaaya. Isaaya, essuula ey'e 66 eya Isaaya, tubeeko ne bye tusomayo. Tulabe kiki Katonda ky'ayogera ku Isiraeri okulokolebwa, na bbanga lyenkana wa erisigaddeyo Isiraeri okulokolebwa. Mwekkaanye mulabe nga bwe kiribaawo mu

bwangu ddala. Mu Isaaya, essuula ey'e 66 n'olunyiriri olw'o 8. Bwe mubeera mwagala okugisoma yonna, tekiriimu kabi.

> *Ani eyali awulidde ekigambo ekifaanana bwe kityo? ani eyali alabye ebigambo ebifaanana bwe bityo? Ensi erizaalwa . . . lunaku lumu . . . mu lunaku lumu? . . . kubanga Sayuuni* olwali okulumwa, *n'azaala abaana be.*

95 Sayuuni olwali okukitegeera nti Oyo ye Masiya waabwe, yazaalibwa omulundi ogw'okubiri, mu lunaku lumu. "Okutabaganya olw'okwonoona, n'okutabaganya olw'obutali butuukirivu, empitambi." Ha, bannange! Baakola ekyo ekyali ekibi, ekyali ekikyamu. Okutabaganya ne kukolebwa ku lw'obutali butuukirivu bwabwe.

96 Eky'okuna. "Okuyingiza obutuukirivu obw'olubeerera." Ekyo ky'ekintu eky'okuna ekyamuleeta. Eky'okuna, kye Yajja okukola kwali, "O—okuyingiza obutuukirivu obw'olubeerera." "Okukomya okwonoona; okutabaganya; n'okuyingiza obutuukirivu obw'olubeerera." Nga okusobya kwa Isiraeri kukomekkerezeddwa . . . Nga okusobya kwa Isiraeri . . .

97 Kati tugenda ku . . . Kino njagala mukifune, kubanga bwe tunaakwata ku kuyiga ku mukazi oli, n'okusuulibwa ebweru kw'ogusota, mujja kukomawo nate ku Kyawandiikibwa kino kye kimu. Kale mukakase nga mukiwandiika. Okusobya kwa Isiraeri bwe kuliba kukomekkerezeddwa, Ssetaani, oyo abaloopa, naffe atuloopa, Ssetaani aliggalirwa mu bunnya obutakoma. Mu kiseera ki? Mu kiseera eky'okuyingiza obutuukirivu obw'olubeerera, ekintu ekitasobola kukoma, byonna ebyavaangako obutali butuukirivu birisaanyizibwawo ddala.

98 Leka tubikkuleko mu Kubikkulirwa essuula eya 20 olunyiriri olw'e 13, katono, tubeeko ne kye tusomayo. Okubikkulirwa 20, olw'e 13 . . . Nedda, munsonyiweko. Okubikkulirwa . . . olunyiriri 1 okutuuka ku lw'oku 3, we tulina okusoma. Akasittale akali wakati awo mbadde ssikalabye. Entuuyo zigira ne ziŋŋenda mu maaso. Okubikkulirwa essuula ey'a 20, era leka tulabe.

> *Ne ndaba malayika ng'akka okuva mu ggulu, ng'alina* ebisumuluzo by'*obunnya obutakoma n'olujegere olunene mu mukono gwe.*
>
> *. . . n'akwata ogusota, omusota ogw'edda, ye mulyolyomi, era Ssetaani, n'agusibira emyaka lukumi,*
>
> *N'agusuula mu bunnya obutakoma n'aguggalirayo, n'ateekako akabonero, gulemenga okulimba* ensi *nate, okutuusa emyaka lukumi lwe giriggwaako: n'oluvannyuma lwagyo . . . kigugwanira okusumululwa ebiro bitono.*

99 Okukola obw'olubeerera . . . "Okuyingiza obutuukirivu obw'olubeerera," nga Ssetaani ali mu bunnya obutakoma. Kaakati ekyo bw'Akikola, n'Aggalira Ssetaani abadde alimbalimba abantu.

100 Kati, leka tubikkule mu Kaabakuuku, essuula ey'oku 2. Kaabakuuku, essuula ey'oku 2. Era kati, tugenda kulaba ensonga lwaki yaggalira omusota guno ogw'edda, n'ensonga lwaki kyakolebwa, n'ebyo ebibaawo amangu ddala nga gumaze okuggalirwa. Kino nkyagala, mmwe temukyagala? Kituwa okubaako ne kye tutegeera. Kaabakuuku, Kaabakuuku, essuula ey'oku 2 n'olunyiriri olw'e 14, nzikiriza we kiri, njagala kusoma. Kino bwe kibaawo . . . Mwekkaanye.

Kubanga ensi erijjula okumanya n'*ekitiibwa kya Mukama, ng'amazzi bwe gasaanikira ku nnyanja.*

101 *Brrrrr*! Bannange! *Wuu*! Nga kitegeeza nti, omulabe bw'amala okuggyibwawo, enkomerero y'ekibi ebeera etuuse, okuyingizaawo obutuukirivu obw'olubeerera kubeera kutuuse, Ssetaani abeera aggaliddwa mu bunnya obutakoma, era okumanya kwa Mukama kulijjula ensi nga amazzi bwe gasaanikira ennyanja. Amiina! Ekitiibwa kibe eri Katonda! Kijja, ow'oluganda, kijja! Abakazi baliba bakyala, n'abasajja baliba baami. Amiina!

Okumanya kwa Mukama bwe kulijjula ensi
n'ennyanja n'obwengula;
Era, o, omutima gwange gusinda, era
gukaabira okutuuka kw'olunaku olwo
olw'okuteebwa okw'essanyu,
Yesu waffe lw'alikomawo nate ku nsi.

102 Amiina! Kale. Kati, awo okufuga okw'Emyaka olukumi kubeera kutandise. Ekyo ky'ekiseera eky'okufuga okw'Emyaka olukumi, Ekibuga lwe kirizimbibwa. Eky'okuna . . . Nkyalinawo Ebyawandiikibwa ebirala nga mukaaga, naye tugenda kwanguwako. Kati, bwe tunaakomawo, nja kwogera ku Byawandiikibwa bino ebirala; naye kati njagala mufune ekifaananyi eky'awamu.

103 Eky'okutaano. "Okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalagulwa." Mukiraba, Malayika oyo yajja okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalagulwa.

Kino ssa—ssandyagadde kukyogera. Naye waliwo omuwandiisi omu ow'erinnya, gwe nnali nsomako luli, mbuusabuusa oba nga kino teyakitabulatabula! Yagamba mbu "Ekyo kye kyali kitegeeza . . . "

Kati, okulaga obusirusiru . . . O, bambi munsonyiwe, ekyo sigenderedde kukyogera. Nsaba munsonyiwe. Ssikigenderedde, amazima ssikigenderedde. Nedda. O—o—omusajja ataliiko mafuta yadde, mukiraba.

Omusajja oyo yagamba nti, "Kino kiraga nti okwolesebwa n'obunnabbi byajjanga eri kkanisa ya Bayudaaya yokka." N'agamba nti, "Okuva mu kiseera kya Danyeri okweyongerayo, Danyeri bwe yajja, kyali kitegeeza nti tewaliddamu kubaawo kwolesebwa na bunnabbi." N'agamba nti, "Bino byonna bye boogerako ensangi zino, eby'okulaba okwolesebwa n'okuwa obunabbi, byonna bya ssetaani," mbu "ebyo eby'okulaba okwolesebwa n'okuwa obunnabbi tebikyaliwo."

Ow'oluganda, waaliwo bannabbi bayitirivu oluvannyuma lwa Danyeri. Ne Yokaana Omubatiza naye yaliwo. Ne Yesu Kristo naye yaliwo. Waaliwo bannabbi okuyita mu Ndagaano Empya. Waaliwo okwolesebwa. Waaliwo Bamalayika.

Omuntu ayinza atya okwogera ekintu nga ekyo? Naye, olaba, ekyo kiva ku muntu okuba n'ekigendererwa eky'okweyagaliza nga ye, n'agezaako okubaako ekintu ky'akakaatika ku bantu bakikkirize, okugezaako okubaako enjigiriza y'ekkanisa gy'agunjaawo, oba akasongasonga akataliimu, okukafuula ensonga eri abantu. Era abantu bwe basangibwa nga tebalina Mwoyo Mutukuvu, bajja kulimbibwa bawabizibwe.

104 Kaakati, leka tuleme kubaako bigambo bya musajja omu bye yayogera bye tutwala. Kati, ekyo tewaliiyo Kyawandiikibwa kyonna kikikakasa. Kati ddala nnyinza ntya okukikkiriza? Naye, leka tulabe ddala kiki okussaako akabonero kuno kye kitegeeza. Mwekkaanye! Ekyo kye kyamuleeta okukola, okuteeka akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalagulwa.

105 Kaakati, leka tuddeyo ate mu Kitabo kya Danyeri, we twabadde. Mu kitabo kya Danyeri, tujja kuzuula kiki kye kyennyini kye Kigamba. Kati leka tubikkule mu Danyeri essuula ey'e 12. Kaakano, nga bwe tubikkula mu Danyeri 12, kati, tusobola okutandika. Tusome okuva . . . Bwe munaddayo eka, njagala musome okutandikira ku lunyiriri 1 okweyongerayo. Leka tusome okuva ku lunyiriri 1, okutuuka ku lw'oku 4.

> *Era mu biro ebyo* Mikayiri *aliyimirira . . . omulangira omukulu* aliyimiririra *abaana b'abantu bo:* . . .

Kati, kino kibaawo mu kiseera eky'enkomerero.

> *. . . era waliba ekiseera eky'okunakuwaliramu, ekitabangawo kasooka . . . wabaawo eggwanga . . .*

Ekyo ky'ekiseera omulabe wa Kristo, omuvuzi w'embalaasi ow'omu Kabonero Akasooka w'afulumira, ekiseera w'abeererawo.

> . . . n'okutuusa mu *biro* bino: . . .

Si mu kiseera kiri Tito we yazingiriza ebisenge bya Yerusaalemi. Ekyo kyaliwo mu kifo kimu kyokka. Naye mwekkaanye omulabe wa Kristo ono, omulangira oyo eyali ow'okujja, mwekkaanye ekibaawo bw'ajja.

. . . okutuusa mu biro ebyo: era mu biro ebyo abantu bo baliwonyezebwa, buli alirabika nga yawandiikibwa mu kitabo.

Aleeruuya! "Abantu bo," Isiraeri, "baliwandiikibwa mu kitabo."

Era bangi ku abo abeebaka mu nfuufu ey'oku nsi balizuukuka, abamu eri obulamu obutaggwaawo, n'abamu eri ensonyi n'okunyomebwa okutaggwaawo.

106 Ekyo nga ddala kisoboka kitya okuba nga kyabaawo mu kiseera Tito we yazingiriza ebisenge bya Yerusaalemi? Nga kisoboka kitya? Tekisoboka kuba nti kyaliwo mu kiseera ekyo. Mukiraba, wano ayogera ku biseera bya nkomerero, ku mazuukira. Si bwe kiri? Kaakati:

N'abo abalina amagezi balyakaayakana ng'okumasamasa okw'omu bbanga; n'abo abakyuka . . . *abakyusa abangi eri obutuukirivu . . . emmunyeenye emirembe n'emirembe . . .*

Muwulirize! Okussibwako akabonero kwennyini, okutuufu, kuukuno wano.

Naye ggwe, Ai Danyeri, bikka ku bigambo, osse akabonero ku kitabo, okutuusa ekiseera eky'enkomerero: . . .

107 Ekyo kitegeeza ki? O, aleeruuya! Ekibiina, mukiraba? Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo kuno, n'okw'Amaanyi Ge, n'okw'Okujja Kwe, n'okw'enkomerero, kwasibibwako akabonero okutuusa mu kiseera kino. Ky'ekyo kye Yajja okukola. Kwakwekebwa okuva eri abayivu baleme okukulaba; ky'ova olaba baagala okunnyonnyola akatundu kali akagamba nti "kisseeko akabonero" nga bakujuliza ku by'emabega eri, nga bagamba mbu kitegeeza "tewakyali bannabbi," nga buli kimu bakissa mabega eri mu byayita. Tekijja kukola makulu gonna. Naye okwolesebwa, okwolesebwa kuno, kubadde kwasibibwako akabonero okutuusa mu kiseera kino kye tulimu. Era ku ekyo kwe nsimbye okukkiriza kwange, nti wiiki ezo ensanvu Katonda ajja kuzibikkula. Amiina! "Kisseeko akabonero," bwe Yamugamba, "okutuusa ekiseera eky'enkomerero. Ebigambo bibikkeko n'Ekitabo okisseeko akabonero okutuusa ekiseera eky'enkomerero."

108 Kiki kye Yakola? Okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalagulwa! Danyeri ebintu bino yali abiraguddeko. Yali abirabye mu kwolesebwa, naye Malayika n'ajja okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa, n'okussa akabonero ku ebyo ebyalagulwa. Okubisoma basobola okubisoma, naye tebasobola kubitegeera, okutuusa mu kiseera eky'enkomerero. Ekiseera eky'enkomerero, ekiseera eky'enkomerero kiseera ki? Y'enkomerero ya wiiki ey'ensanvu, omulangira oli, omulabe wa Kristo, lw'alibikkulwa, mu kiseera ekyo, nga yeewaŋŋamya nga

Katonda. Tukakasa tutya nti bino byateekebwako akabonero okutuusa mu kiseera ekyo? Ekitabo kya Danyeri kiweddeko; eno y'essuula esembayo eya Danyeri.

109 Mwannyinaffe Simpson yaŋŋambye olw'eggulo lwa leero, yaŋŋambye nti, "Ow'oluganda Branham, ekitabo kya Danyeri kyonna nnakisoma. Na—naye sirina n'ekimu kye nneeyongerako kutegeera we nnakimaliririza, we nnakimalirayo, kisinga ku kye nnali mmanyi we nnatandikira okukisoma." Ensonga yiino, Mwannyinaffe Simpson, bw'oba wooli akawungeezi kano. Ndabika mmulengera erudda wali. Sirina n'ekimu kye nnayogedde nga tutandika. Nneefuze ne ssibaako na kye njogera, kubanga nnalowoozezza nti ob'olyawo nnaakituukako.

Naye, okwolesebwa Danyeri kwe yali alabye, nga ali emmanga eri okumpi n'omugga, kwateekebwako akabonero, "okutuusa mu kiseera ky'enkomerero." Kuli . . . Leka nneyongere mu maaso wano eno nkisome. Mukiraba?

> *Naye ggwe, Ai Danyeri, bikka ku bigambo, osse akabonero ku kitabo, okutuusa* mu kiseera eky'enkomerero: *bangi abaliddiŋŋana embiro, n'okumanya kulyeyongera.*
>
> Awo *nze Danyeri ne ndyoka ntunula, era, laba, . . . babiri nga bayimiridde, . . . omu ku ludda* olumu *olw'o . . . lw'omugga emitala w'eno, n'omulala* ku ludda olulala *olw'olubalama lw'omugga emitala w'eri.*
>
> *N'omu n'agamba omusajja ayambadde ba—bafuta, eyali waggulu w'amazzi g'omugga nti, Eby'ekitalo ebyo birituusa wa okukoma?*

Kati muwulirize.

> *Ne mpulira omusajja ayambadde bafuta, eyali waggulu w'amazzi g'omugga, ng'agolola omukono gwe ogwa ddyo n'omukono gwe ogwa kkono eri eggulu, n'alayira oyo abeera omulamu emirembe gyonna nga birituusa ekiseera,* ekiseera, *n'ekitundu ky'ekiseera; . . .*

Kati, ekyo tukifunye bulungi—bulungi ddala nti, "Ekiseera, n'ekiseera, n'ekitundu ky'ekiseera." Kati mulindirire bwe tunaakwata ku wiiki za Danyeri ensanvu, mulabe engeri ekyo gye kivaayo obulungi ddala. Awo ekyama we kinaabikkulibwa. Kale. "Ekiseera, n'ekiseera, n'ekitundu ky'ekiseera."

> *. . . era bwali . . . ("oyo,"* kati nnakasigirwa ey'omuntu, omulabe wa Kristo) . . . alima- . . . *bw'alimalira ddala bw'alimalira ddala okumenyamenya amaanyi ag'abantu abatukuvu,* (ekyo ky'ekiseera w'amenyeramu endagaano ye mu makkati ga wiiki), *ebyo byonna ne biryoka* bituukirira. (Amiina.)
>
> *Ne mpulira, naye ne sitegeera: ne ndyoka njogera nti, Ai Mukama . . ., ebiriva mu ebyo biriba bitya?*

N'ayogera nti, Kwata amakubo go, Danyeri: kubanga ebigambo bibikkiddwako era bissiddwako akabonero okutuusa *ekiseera eky'e* . . . [Ekibiina kiddamu nti, "*Enkomerero.*"—Omuk.]

O, ekyo temukyerabira!

. . . okutuusa *ekiseera eky'enkomerero*.

Bangi abalyerongoosa, abalyetukuza, abaligezesebwa; naye ababi balikola ebibi: so ku babi tekuliba abalitegeera; naye abo abalina amagezi balitegeera.

110 Obubaka obw'ekiseera eky'enkomerero bulibibikkula; obw'omulembe gw'ekkanisa ogusembayo. Ekitiibwa! Whew! Kiikyo! O, bannange! N'okukirowoozaako obulowooza, kinkankanya, ekyama! Ebintu ekkanisa ey'ensi by'eziimuula, n'egamba nti, "Bya busirusiru." Ekyama ky'ekyo Yesu Kristo kye Yali; teyali Muperesoona wa kusatu, teyali Muperesoona wa kubiri, teyali Muperesoona wa kusatu, wabula *yali* Katonda Mwene. N'ebyama bya Katonda ebirala bino byonna biribikkulibwa, kubanga byawandiikibwa munda wano mu Kitabo kino, nga byakubikkulibwa eri omulembe ogw'omu kiseera eky'enkomerero. Mu zi sseminaliyo, ne mu matendekero g'eby'eddiini, ne mu bibiina by'amadiini tebasobola kubiraba, era nga n'Abayudaaya bwe bataasobola kukiraba nti Yesu ye Masiya. Kye bava bagezaako okubalowooleza okuba nti muli bazoole. Kye bava babalowooleza okuba nti temutegeera. Ky'ova olaba tebategeera nsonga lwaki temukwatagana nabo. Kubanga, ebyama ebyo birimu Amaanyi n'okwolesebwa, n'Ekigambo kya Katonda ekibikuliddwa, okuteekateeka Ekkanisa okwetegekera Okukwakkulibwa n'okugenda Eka. Weewaawo. "Bangi abaliddiŋŋana embiro, n'okumanya kulyeyongera." Ekyo ddala bwe kiri.

111 Kaakati, kintu ki ekirala ekirimanyibwa? Mwetegereze, amakanisa leero. Kiikino. Ka nsuubire nti tekigenda kubayisa bubi, naye ate nteekwa okukyogera. Okufuula . . .

112 Mu kiseera ekyo walibaawo omulabe wa Kristo agolokoka.

113 Kati, mujjukiranga, bwe tuliba tutandise okuyiga ku Bubonero, omulabe wa Kristo oyo yeebagala embalaasi okuyita mu Bubonero obwo bwonna. Danyeri yakyogerako wano nti, "Omulangira alijja." Alisalibwako, Yesu ye alisalibwako, olw'okutabaganya abantu. Naye, "Ate omulangira oyo aligolokoka, alireeta eky'omuzizo ekirireeta okuzikiriza," ku mulundi guli yali Rooma, okuyita mu Tito. Ne ku mulundi guno, alibeera omulangira aliva e Rooma, y'alikikola. Era nga alibikkulibwa mu kiseera eky'enkomerero, kaakati muwulirize, "nga yeefuula nti ye Katonda," nga Omwoyo Omutukuvu bw'atulabula mu Abasessaloniika, eky'oku 2.

Leka tubikkuleyo, Abasessaloniika eky'oku 2, kibeere nti sibabuulidde bigambo byange nga omuntu wabula Ekigambo

kya Katonda. Abasessaloniika eky'oku 2, essuula ey'oku 2 n'olunyiriri olw'e 12. Leka tulabe. Abasessaloniika eky'oku 2, essuula ey'oku 2 n'olunyiriri olw'e 12. Leka tulabe. Leka tutandikire waggulu, ku lunyiriri olw'o 7.

Kubanga ne kaakano ekyama eky'obujeemu weekiri kikola:. . .

(Ono Pawulo y'ayogera, ku bw'Omwoyo Omutukuvu.) . . .

wabula kyokka—wabula kyokka oyo *aziyiza kaakano, okutuusa lw'aliggyibwawo.*

Oyo ye "Ani" ayogerwako wano? Waliwo omuntu yenna amumanyi? Oyo ye Mwoyo Omutukuvu, "Oyo aziyiza okuba nti tekibaawo."

Awo Omujeemu oli (bw'a) *n'alyoka abikkuka,. . .*

Ddi? Mu kiseera kyennyini Omwoyo Omutukuvu lw'aliggyibwawo, nga ate we twogerera anaatera okuvaawo. Aviirawo ki? Agenda n'Ekkanisa. "Bw'alibikkulwa!" Pawulo nga ayogerera wansi w'okuluŋŋamizibwa.

. . .Mukama waffe Yesu gw'alitta n'omukka ogw'omu kamwa ke, era gw'alizikiriza n'okulabisibwa kw'okujja kwe: (weewaawo, oyo ye mubi,)

Naye okujja kwoyo, kuli mu kukola kwa Ssetaani n'amaanyi gonna n'obubonero n'ebyamagero eby'obulimba,

"Ye ffe kkanisa esinga okuba ey'amaanyi mu zonna. Tulina *kino*. Tulina *kiri*. Kale mwe mwenna mwegatte wamu," mukiraba. "Ye ffe abasingayo okuba ab'amaanyi mu bonna." Ebyamagero eby'obulimba!

N'okukyamya kwonna okw'o. . .okutali kwa butuukirivu eri abo ababula; kubanga tebakkiriza kwagala kwa mazima, balyoke balokoke.

Katonda kyava abasindikidde *okukyamya okukola, bakkirize eby'obulimba bakkirize eby'obulimba:*

Era. . .*balyoke basalirwe omusango abatakkiriza mazima, naye* abasanyukira *obutali butuukirivu.*

114 Mukitegeera? O, bannange! Kati, Pawulo ayogera. Ekiseera Akabonero ka Katonda we kabeera kalabisibwa, Omwoyo We, Erinnya Lye, ekisa Kye, ebyama ebirala bino byonna ebigenda mu maaso kaakano, enteekateeka z'alina eri Ekkanisa Ye okugenda mu Kukwakkulibwa; bino byonna okufukumulwa kw'Omwoyo Omutukuvu kwe kubikoze. Ebyo by'Akoze mu biseera bino eby'enkomerero.

115 Kati, leka tulabe. Tukyalina obudde okwogera ku kigendererwa kino ekisembayo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Eky'omukaaga, " Okufuka amafuta ku ekyo ekisinga okuba ekya Waggulu ennyo." O, bannange!

Wulira kino ate! Ky'Anaasembayo okukola, kwe kukola ki? Kaakati, leka tuddeyo mu Danyeri, tulabe byonna by'Alina okukola wano wennyini. "Wiiki ensanvu." Biki ebirina okuba nga bituukirizibwa mu kiseera kino? Kale.

> . . . *ziragiddwa abantu bo ne . . . ekibuga kyo ekitukuvu okukomya okusobya* (okusobya kw'abantu), . . . *okumalawo okwonoona* (kw'abantu), *n'okutabaganya olw'obutali butuukirivu* bwabwe, *n'okuyingiza obutuukirivu obutaliggwaawo* (eri Abayudaaya), *n'okussa akabonero ku ebyo ebyayolesebwa ne ku ebyo ebyalagulwa* (okutuusa mu kiseera eky'enkomerero) *n'okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu.*
>
> Ebyo by'ebigendererwa omukaaga eby'okujja Kwe.

116 Kati tuli ku kino ekya, "okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu." Kati, kino okusooka kiyinza okuwulikika nga ekipya, eri bangi ku mmwe abayigiriza, naye kati musooke mukiwulirize, mulabe bwe kivaayo.

117 Okufukibwako kw'amafuta kuno, tekutegeeza nti muntu y'afukibwako amafuta. Yesu yaggwa okufukibwako amafuta. Si bwe kiri? Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume kigamba nti Katonda yafuka ku Yesu amafuta n'Omwoyo Omutukuvu; n'Agenda nga atambula wonna nga akola obulungi, nga awonya abalwadde, n'ebintu ebirala. Yesu, yafukibwako dda amafuta. Ye Masiya. Era nga *Masiya* kitegeeza "Oyo eyafukibwako amafuta." Si bwe kiri? Naye wano ku nkomerero, Katonda wa kufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu.

118 Kye kiki ekyo "ekisinga Obutukuvu"? Nze okusinziira ku bwe nkiraba, kye nzikiriza nga nsobola okukikakasa n'Ebyawandiikibwa, kitegeeza okufuka amafuta ku "ekyo ekisinga Obutukuvu," nga y'eribeera Weema erikozesebwa mu kufuga okw'Emyaka olukumi. Kati muwulirize, mulabe kwe nnakiggya. Okusinziira ku binnyonnyolwa mu Ezekyeri, e—essuula ey'oku 4, e . . . Nedda, ntegeeza essuula eya 43, olunyiriri 1 n'olwo 6. Leka tuddeyo mu Ezekyeri tulabe bw'annyonnyola bwe kiribeera mu kufuga okw'Emyaka olukumi, nga bwe balifuka amafuta ku . . . Ezekyeri 43, era leka tubeeko ebitonotono bye tusoma wano kaakano tulabe ky'Agenda okukola mu kufuga kuno okw'Emyaka olukumi, nga afukako amafuta. Mu Ezekyeri 43, kale, kati leka tutandikire ku lunyiriri 1 okutuuka ku lw'o 6. Weewaawo, essuula yonna musobola okugisoma bwe munaaba muzzeeyo eka, naddala mmwe abawandiika bye tusoma, Ezekyeri 43. "Oluvannyuma . . . "

119 Kati, mwekkaanye, Yeekaalu erizimbibwa mu kufuga okw'Emyaka olukumi bw'eti bw'eriba efaanana. Kati, buli muntu yenna, buli musomi akimanyi, nti okuva mu Ezekyeri essuula eya 40, okutuuka nga mu ssuula eya 44, ekyo si kirala

kyonna wabula ye Yeekaalu ey'omu kufuga okw'Emyaka olukumi nga ezimbibwa ku nsi, (ekyo buli omu akimanyi, mukiraba), ekitiibwa kya Katonda bwe kirijjula ensi, n'ebirala bwe bityo. Kati tugenda . . . kunnyonnyola Yeekaalu eyo eri mu ssuula eya 43, olunyiriri 1 okutuuka ku 6 bw'efaanana.

> Oluvannyuma *n'antwala eri omulyango, omulyango ogwo ogutunuulira ebuvanjuba:*
>
> *Kale, laba, ekitiibwa kya . . . Katonda wa Isiraeri nga kijja nga kiva mu kkubo ery'ebuvanjuba: n'eddoboozi* lyali *nga* eddoboozi ly'*amazzi amangi*: *ensi n'emasamasa olw*'ekitiibwa.
>
> *Era kyali ng'embala ey'okwolesebwa kwe nnalaba, ng'okwolesebwa kwe nnalaba bwe nnajja okuzikiriza ekibuga: era okwolesebwa kwali ng'okwolesebwa kwe nnalaba ku lubalama lw'omugga Kebali; awo ne nvunnama amaaso gange.*
>
> *Awo ekitiibwa kya* MUKAMA *—ekitiibwa kya* MUKAMA *ne kiyingira mu nnyumba nga kifuluma mu kkubo ery'omulyango ogutunuulira ebuvanjuba.*
>
> *Omwoyo ne gunsitula ne gundeeta mu luggya olw'omunda; kale, laba, ekitiibwa kya* MUKAMA *ne kijjula ennyumba.*
>
> *Awo ne mmuwulira ng'ayogera nange ng'ayima mu nnyumba; omusajja n'ayimirira ku mabbali gange.*

120 Okufukako amafuta, okufuka amafuta ku Yeekaalu eyo ey'omu kufuga okw'Emyaka olukumi. Kati mulabeeyo mu Ebyabaleevi. Kati mwekkaanye nga bwe yawongebwayo mu Ebyabaleevi. Kati, bwe tuddayo mu Ebyabaleevi, tujja kukizuula nti Musa yafuka amafuta ku yeekaalu. Leka tuddeyokko tukirabe nga bwe tukyali ku nsonga eno. Obudde tusigazzaayo butono ddala. Kale leka tubikkuleko mu Ebyabaleevi tulabe ekyaliwo Musa bwe yafuka amafuta ku yeekaalu, Ebyabaleevi essuula ey'o 8.

121 O, nnyumirwa nnyo okugeraageranya Ebyawandiikibwa n'Ebyawandiikibwa ebirala. Mmwe temukinyumirwa? Kati awo mujja ku—mujja kusobola okubaako e—e—ekifaananyi kye mufuna eky'ekyo kye tunoonya n'ekyo kye tukola. Kati, mwenna mukiraba nti ku buli nsonga tuzze tukozesa Kyawandiikibwa wano ne wali, okuginnyonnyola.

122 Kati, essuula ey'omu 8 ey'omu Ebyabaleevi, kati wano nnawandiiseewo, olunyiriri olw'e 10. Mwekkaanye Ebyabaleevi 8:10. Leka tulabe.

> *Musa n'addira amafuta ag'okufukako,* n'ayiwa amafuta ag'okufukako, *n'agafuka ku weema ne ku byonna ebyagirimu, n'abitukuza.*

N'a . . . mansirako ku kyoto emirundi musanvu, . . . n'afuka ku kyoto n'ebintu byakyo byonna, n'eky'okunaabirangamu n'entobo yaakyo, oku . . . *okubitukuza.*

N'afuka . . . amafuta ag'okufukako ku mutwe gwa Alooni, n'amufukako amafuta, okumutukuza.

123 Musa, nga ali mu ddungu, atukuza, manyanga afuka amafuta ku weema ey'okusinzizaamu, ku lw'abaana ba Isiraeri bwe baali mu lugendo lwabwe. Weema yafukibwako amafuta.

124 Kati, mu Ebyomumirembe Eky'okubiri, mubikkuleeyo, era tugenda kulaba okuwongebwayo kwayo Omwoyo Omutukuvu bwe yatuula mu ntebe Ye mu weema, tulabe na biki ebyaddirira. Mu Ebyomumirembe Eky'okubiri essuula ey'oku 5, era leka tutandikire ku lunyiriri olw'e 13. Ebyomumirembe Eky'okubiri essuula ey'oku 5, tutandikire ku olunyiriri olw'e 13.

Awo . . . olwatuuka, amakondeere *n'abayimbi nga bali . . . okuwuliza eddoboozi erimu . . . nga batendereza nga beebaza* MUKAMA*; era bwe baayimusa* amaloboozi gaabwe *n'ekkondeere n'ebitaasa n'ebintu ebivuga,* nga *batendereza* MUKAMA*, nga bayimba nti, Kubanga mulungi; era okusaasira kwe kubeerera emirembe gyonna: awo ennyumba n'eryoka ejjula ekire, ennyumba ya* MUKAMA*;*

Bakabona ne bayimirira . . . *bakabona n'okuyinza ne batayinza kuyimirira okuweereza olw'ekire: kubanga ekitiibwa kya* MUKAMA *kyajjula ennyumba ya Katonda.*

125 Katonda yajja mu kifo ekitukuvu ekyalina okufukibwako amafuta, era ekyali kiweereddwaayo gy'Ali abantu mwe banajjanga ne bamusinza. N'olwekyo, ku mulundi guno okufukako amafuta kuno si kwa kifo "kyo ekitukuvu," wabula kufukako amafuta okwa "ekifo ekisingayo Obutukuvu." Ate tukimanyi, nti, Yerusaalemi Ekiggya kye kifo ekyo "ekisingayo Obutukuvu." Era amafuta galiba ku Yerusaalemi Ekiggya ekyo ekikka okuva mu Ggulu eri Katonda, nga kiyooyooteddwa nga omugole ayooyooteddwa ku lwa bba. Amafuta galibabaako.

126 Kaakati, Zerubbaberi bwe yali awongayo yeekaalu ye, nga ezimbiddwa bupya nate, yeekaalu teyaddamu kufukibwako mafuta mulundi mulala, kubanga yali yamala dda okufukibwako amafuta; wabula n'emenyebwa, nga kati ezimbiddwa bupya. Okuzikirizibwa kwe yazikirizibwa. Yali eziddwaawo buzzibwa, kale tebaddamu kugifukako mafuta mulundi mulala. Bwe yafukibwako amafuta omulundi ogwasooka, amafuta ago gaagisigalako, era na buli kati gakyagiriko. Naye Katonda bw'alisimba Yeekaalu ey'omu kufuga okw'Emyaka olukumi, Alifuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu; so si "awo awatukuvu wo" wabula ku "ekyo ekisinga Obutukuvu."

127 Naye Kabaka bw'alituula ku Ntebe Ye okumala emyaka olukumi, (Ekitiibwa!) olwo kiriba kiwedde. Okufuka amafuta ku ekyo ekisinga Obutukuvu ky'ekintu ekirisembayo okubaawo. Yeekaalu bw'erisimbibwa; okuzuukira kuliba kumaze okubaawo; Abayudaaya baliba bakomyewo; Kristo n'Omugole We baliba bazze; nga Abayudaaya, emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi nnya baamala okussibwako akabonero; nga okufuga okw'Emyaka olukumi kumaze okubaawo. Walibaawo okufukibwako amafuta ekifo ekisingayo Obutukuvu bwe kiriba kifukibwako amafuta; awatukuvu, Awatukuvu w'awatukuvu, n'Awasinga okuba awatukuvu. Awo, awasinga okuba awatukuvu ky'ekifo ekitukuvu Katonda mwe yabeeranga, wakati wa Bakerubi. Ne, ku mulundi guno, Kristo alituula mu kifo ekisingayo okuba Ekitukuvu, nga Aliko amafuta. Era tebalyetaagayo musana, kubanga Omwana gw'endiga aliba mu Kibuga wakati y'Aliba Omusana. Mu Kibuga ekyo enjuba terigwa mu nnyanga, nga nnamukadde Anko Jim bwe yateranga okwogera. Kale terigwa mu nnyanga, kubanga Kristo y'alibeera Omusana ogwo, Oyo eyafukibwako amafuta. Era Kabaka alijja n'atuula mu Ntebe Ye okumala emyaka lukumi, nga afuga.

128 Yeremiya 3:12-18, nalwo tulusome, leka tukisome. Tubikkule mu Yeremiya essuula ey'e 18, nzikiriza. Wewaawo. Nedda, essuula ey'e 12, munsonyiwemu, essuula ey'e 12 eya Yeremiya, tutandike ne—ne . . . Yeremiya 3, bambi musonyiwe. Yeremiya 3, nnina wano we—we nnabiwandiise, bwe, bwe nnabadde nsoma, Omwoyo Omutukuvu bwe yabadde anzigya wano nga bw'antwala wali, nnagenze nfuna we mbiwandiika nga bwe nnasobodde. Yeremiya 3, olw'e 12 okutuuka ku lw'e 18, nalwo tulusome. Leka tukisome.

> *Genda olangirire ebigambo bino ng'otunuulira obukiika obwa kkono, oyogere nti, Komawo, ggwe Isiraeri eyaseeseetuka, bw'ayogera* MUKAMA*; era siibatunuulire* . . . bwange—bwange *siibatunuulire n'obusungu* bwange: *kubanga nnina okusaasira, bw'ayogera* MUKAMA*, era siriguguba na busungu emirembe gyonna.*
>
> *Kyokka kkiriza obutali butuukirivu bwo, nga wasobya* MUKAMA *Katonda wo, n'osaasaanyiza amakubo go abagenyi wansi wa buli muti omubisi, . . .*

Ky'ekyo kye baakola, okuva ebuvanjuba, ebugwanjuba, mu buli ggwanga. Mukiraba?

> *. . . so temwagondera* ddoboozi, *ddoboozi lyange, bw'ayogera* MUKAMA.

"Mukomeewo!" Muwulirize ku kino.

> *Mukomeewo, Mmwe abaana abadda ennyuma, bw'ayogera* MUKAMA*; kubanga nze ndi (b-b-a-m-m- -e) . . . ndi bbammwe: . . .*

"Amaaso gaabwe gaazibwa baleme okulaba, kubanga Nnawa Ab'amawanga akakisa. Naye, mukomeewo, kubanga Ndi bbammwe."

. . . era ndibatwala nga nzigya omu ku kibuga n'ababiri ku kika, . . .

Si abo bonna abeeyita Abayudaaya nti baliyingira. Naye ekibinja ekyo eky'abalonde kye kiriyingira, abo ba Benyamini abato abajja mu maaso ga Yusufu emmanga eri, ekibinja ekyo abaava mu buli ggwanga, omu okuva mu kibuga, n'omu okuva mu maka.

. . . ne mbaleeta e Sayuuni:

Era ndibawa omusumba *ng'omutima gwange bwe guli, abalibaliisa n'okumanya n'okutegeera.*

Awo olulituuka, bwe muliba nga mwaze era nga mweyongedde mu nsi, kale mu biro ebyo, bw'ayogera MUKAMA, *nga tebakyayogera nti, E—essanduuko ey'endagaano ya* MUKAMA: *so teriyingira mu mwoyo gwabwe: so tebaligijjukira; so teba—tebaligikyalira; so tebalikola nate bwe batyo.*

Mu biro ebyo baliyita Yerusaalemi entebe ya MUKAMA; (kubanga eyo gy'Alibeera, mukiraba), n'eggwanga lyonna lirikuŋŋaanyizibwa *eyo* (aleeruuya), *eri erinnya lya* MUKAMA, *e Yerusaalemi: so tebalitambula nate ng'obukakanyavu bw'omutima gwabwe omubi bwe buli.*

129 Ekyo ky'ekiseera Ekibuga lwe kirifukibwako amafuta. Ekyo ky'ekiseera Yerusaalemi Ekiggya lwe kirifukibwako Amafuta. N'amawanga gonnna ag'Ekibuga . . . Mu Kubikkulirwa essuula eya 22, wagamba nti emiryango tegiriggalwa ekiro, kubanga tewalibaayo kiro. Era bakabaka b'ensi balireetanga amakula gaabwe n'ettendo mu Kibuga kino. Ebisenge byakyo biriba byazimbibwa n'amayinja aga yasepi n'aga sadiyo, n'ebika by'amayinja ebirala byonna awamu kkumi na bibiri; n'emiryango gyakyo ekkumi n'ebiri giriba gya luulu, buli mulyango. Emisubbaawa tegiryetaagisaayo. Ekitangaala ky'enjuba kiriba tekikyetaagisa, kubanga Omwana gw'endiga aliba mu makkati g'Ekibuga ekyo y'aliba Omusana. Era Alikulembera abantu Be okuyingira mu Bulamu obw'emirembe n'emirembe. Walibaayo emiti ebiri, gumu ku buli luuyi olw'omugga, egiriba egy'okuwonyezebwa kw'amawanga. Ekyo ky'Ekitukuvu kiri ekirijja, Ekibuga Ekitukuvu ekirikka okuva mu Ggulu ewa Katonda, nga kikka ku nsi.

130 Kati leka tulabe ku biki ebiribaawo mu kiseera ekyo. O, mukinyumirwa? Leka tubikkuleko mu Isaaya 65, katono. Kiyitirivu nnyo tetuyinza kumala gakibuuka. Kiyitirivu nnyo tetuyinza kumala gakivaako. Ebbugumu lyandiba nga weewaawo lingi, naye leka tugira tweyongerayo.

131 Isaaya 65, muwulire ekiribaawo mu kiseera ekyo. Kati njagala weebuuze, ggwe mukwano gwange omwonoonyi, oba—oba nga ddala wandyagadde okusubwa ekintu ekifaananako bwe kiti. Isaaya 65, leka tutandikire awo nga ku lunyiriri olw'e 17. Muwulirize, mwenna, kaakano nga mutaddeyo omwoyo. Kino kibaawo mu kiseera eky'okufuga okw'Emyaka olukumi, mu kiseera ekyo ekisingayo Obutukuvu we kifukibwako amafuta.

> *Kubanga, laba, ntonda eggulu eriggya ne . . . nsi empya: so ebintu ebyasooka tebirijjukirwa so tebiriyingira mu mwoyo.*
>
> *Naye . . . musanyuke mujagulize . . .* ne mu *ekyo kye ntonda: kubanga, laba, ntonda Yerusaalemi . . . ntonda Yerusaalemi,* (ekyo ye Yerusaalemi Ekiggya), eky'essanyu, *n'abantu baamu okuba essanyu.*
>
> Amafuta ago kye ki? Ly'essanyu lya Mukama.
>
> *. . . ntonda Yerusaalemi okuba* eky'essanyu, *n'abantu baamu okuba essanyu. Era ndisanyukira mu Yerusaalemi, . . .*

Nga Kabaka atudde mu Ntebe ey'obwakabaka, mu kitiibwa ky'obukulu bw'Entebe ey'obwakabaka, Entebe y'obwakabaka Etaggwaawo, nga ali wamu n'abantu Abataggwaawo nga balina essanyu Eritaggwaawo mu Kibuga Ekitaggwaawo! Ha, bannange!

> *Era ndisanyukira Yerusaalemi, ne njaguliza abantu bange: so n'eddoboozi ery'okukaaba nga terikyawulirwa omwo nate, newakubadde eddoboozi ery'okulira.*
>
> *Temukyavangamu . . . mwana wa nnaku bunaku, newakubadde omukadde* atannamalayo *nnaku ze: kubanga omwana alifa nga yaakamaze emyaka kikumi; n'alina ebibi nga yaakamaze emyaka kikumi alikolimirwa.*
>
> *Era balizimba ennyumba, ne basulamu; . . . balisimba ensuku ez'emizabbibu,* era balirya *ebibala byamu.*
>
> *Tebalizimba, omulala n'asulamu;* (nga kitegeeza, ggwe n'ofa mutabani wo n'akusikira) *. . . tebalizimba,* ate *omulala n'asulamu; tebalisimba omulala, n'alya* bye baasimba: *kubanga ng'ennaku ez'omuti bwe ziba bwe zityo bwe ziriba ennaku ez'abantu bange, n'abalonde bange balirwawo nga balya omulimu ogw'engalo zaabwe.*
>
> *Tebalikolera bwereere mirimu, so tebalizaala ba kulaba nnaku; kubanga lye zzadde ly'abo abaweebwa* MUKAMA *omukisa,* n'abaana *b'enda yaabwe wamu nabo.*
>
> *Awo olulituuka, . . . nga tebannaba kuyita ndiyitaba; . . .* (Amafuta ago ag'ekitalo, agali emabega

awali Bakerubi!) . . . *ndiyitaba; era nga bakyayogera, ndiwulira.*

Omusege n'omwana gw'endiga binaaliiranga wamu, . . . empologoma eneeryanga omuddo ng'ente: n'enfuufu ye eneebanga emmere ey'omusota. Era *tebiriruma so tebirizikiririza ku lusozi lwange lwonna olutukuvu, bw'ayogera* MUKAMA. (Ekyo ddala oyinza okukisubwa? Nedda!)

132 Tukomewo mangu nnyo wano eno, nga Isaaya ayogera nate, mu ssuula ey'e 11, olunyiriri 1 okutuuka ku lw'o 9. Tuddemu tuwulire ky'ayogera wano, bw'afuna okwolesebwa, nga amaze okulaba abakazi, bwe baliba beeyisa mu nnaku ez'oluvannyuma. Olw'omwe- . . . Kati, Isaaya 11, okutuuka ku 1.

Era mu kikolo kya Yese muliva ensibuka, . . . Ettabi eririva *mu kikolo kye:* (Oyo yali ani? Kristo.) . . . *liriva mu kikolo kye:*

N'omwoyo gwa MUKAMA *gulibeera ku ye, omwoyo ogw'amagezi,* ogw'*okutegeera, omwoyo ogw'okuteesa . . . amaanyi, omwoyo ogw'okumanya ne . . . okutya* MUKAMA*;*

N'okutya MUKAMA *kw'alisanyukira: so taasalenga misango ng'okulaba kw'amaaso ge bwe kunaabanga, so . . . ng'okuwulira kw'amatu ge bwe kunaabanga:*

Naye anaasaliranga omwavu emisango gya nsonga, era anaanenyanga obutali butuukirivu bwabwe *olw'abawombeefu abali ku nsi: era alikuba ensi n'omuggo ogw'omu kamwa ke, era alitta omubi n'omukka ogw'omu mimwa gye.*

Omutuukirivu alyesiba olukoba mu kiwato kye, n'omwesigwa ne yeesiba olukoba mu mugongo gwe.

N'*omusege gunaasulanga wamu n'omwana gw'endiga, n'engo eneegalamiranga wamu n'akabuzi* (eyo nga y'embuzi); *n'ennyana n'omwana gw'empologoma n'ekya ssava . . .* manyanga ennyana, manya *empologoma n'ekya ssava wamu; n'omwana omuto alizikulembera.*

. . . ente n'eddubu ziririira; . . . abaana baazo (era) *baligalamira wamu: n'empologoma erirya omuddo ng'ente.*

N'omwana ayonka alizannyira ku kinnya eky'enswera, n'omwana eyaakava ku mabeere aliteeka omukono gwe ku mpampagama y'essalambwa.

Tebiriruma newankubadde *okuzikiriza ku lusozi lwange lwonna olutukuvu: kubanga ensi erijjula okumanya . . . ng'amazzi bwe gasaanikira ennyanja.*

Hum! Ebyo biriba mu Yerusaalemi kiri Ekiggya. Kiri "ekiggya." *Ettabi,* wano eno, lye lyogerwako, Ettabi lya Dawudi. "Ye byombi Ettabi era Ekikolo."

133 Kati, oluvannyuma nga kino kimaze okubaawo, Omugole alabikako. Wiiki ensanvu bwe ziggwaako, Omugole alabikako mu Kubikkulirwa essuula ey'e 19, olunyiriri 1 okutuuka ku lw'e 16. Ajja ne Bba, Kabaka ow'amaanyi. O, bannange! Sikakasa oba nga tunaakimalayo kyonna mu bulamba bwakyo oba nedda. Nkyogeddeko bwogezi tusobole oku . . .

Naye, era, leka tubeeko ekitundu kya kino kye tusoma. Wano Omugole w'alijjira, nga bino bimaze okubaawo. Mukiraba? Okufuga okw'Emyaka olukumi bwe kutandika, Kristo akomawo n'Omugole. Wano wennyini mu, lunyiriri 1 okutuuka ku lw'e 16, mu ssuula ey'e 19.

Oluvannyuma lw'ebyo . . .

Oluvannyuma lw'Ekibonyobonyo kino; oluvanyuma lw'Ebiwoobe; oluvannyuma lw'Obubonero; oluvannyuma lwa Kawumpuli; oluvannyuma lw'okugobera Ssetaani ebweru; oluvannyuma nga okufuga okw'Emyaka olukumi kutandise. Mwekkaanye!

> *. . . oluvannyuma lw'ebyo ne mpulira ng'eddoboozi . . . ery'ekibiina ekinene mu ggulu, nga boogera nti Aleruuya; Obulokovu, n'ekitiibwa, . . . obuyinza, . . . amaanyi, bye bya Mukama Katonda waffe:*
>
> *Kubanga emisango gye gya mazima era gya nsonga: kubanga* yali *asalidde omusango omwenzi omukulu, eyayonoona ensi n'obwenzi bwe, era awooledde eggwanga ly'omusaayi gw'abaddu be mu mukono gw'oyo.*
>
> *Nate omulundi ogw'okubiri* n'a . . . *ne . . . Nate omulundi ogw'okubiri ne boogera nti, Aleruuya. N'omukka gwe ne gunyooka emirembe n'emirembe.*

Eyo y'ekkanisa ennyenzi eri ey'edda, "omukka gwaayo ne gunyooka waggulu."

> *N'abakadde amakumi abiri mu bana n'ebiramu ebina ne bavunnama ne basinza Katonda atuula ku ntebe, nga boogera nti Amiina;* Aleruuya.
>
> *N'eddoboozi ne liva mu ntebe, nga lyogera nti, Mutendereze Katonda waffe—Mutendereze Katonda waffe, mmwe mwenna abaddu be, mwenna abamutya, abato n'abakulu.*
>
> *Ne mpulira ng'eddoboozi ly'ekibiina ekinene, . . .*

Muwulirize! Kati wano we mulabikira, Ekkanisa. Bwe Yasitulibwa n'etwalibwa mu ssuula ey'oku 3, kati Yiino ekomawo nate. Mukiraba? Kale kati olunyiriri olw'o 6.

Ne mpulira ng'eddoboozi ly'ekibiina ekinene, era ng'eddoboozi ly'amazzi amangi, era ng'eddoboozi ly'okubwatuka okw'amaanyi, nga byogera nti Aleruuya: kubanga Mukama Katonda waffe omuyinza w'ebintu byonna afuga.

Aleruuya! Mwekkaanye! Kaakano obugole bw'Omwana gw'endiga bwe buddako. Omugole wuuno ajja.

Tusanyuke, tujaguze, tumuwe ekitiibwa ye: kubanga obugole bw'Omwana gw'endiga butuuse, ne mukazi we yeeteeseteese. (Omugole wuuno ajja, bombi, Omugole wamu n'Omugole Omusajja.)

N'aweebwa okwambala bafuta entukuvu ennungi, erongooseddwa era enjeru: kubanga bafuta eno by'e . . . eby'obutuukirivu eby'abatukuvu.

N'aŋŋamba nti, Wandiika nti, Baweereddwa omukisa abayitibwa ku mbaga ey'obugole bw'Omwana gw'endiga. N'aŋŋamba nti, Ebyo . . . bigambo eby'amazima ebya Katonda.

Ne nvunnama mu maaso g'ebigere *okumusinza. N'aŋŋamba nti, Laba tokola bw'otyo: Ndi muddu munno, . . . ow'omu baganda bo* era *abalina . . . baganda bo* era *abalina okutegeeza kwa Yesu: sinza Katonda: kubanga okutegeeza* (kwa Kristo) *gwe mwoyo gw'obunnabbi.*

Ne ndaba eggulu nga libikkuse, era . . . embalaasi enjeru; . . . (ha bannange!) *. . . n'eyali agituddeko . . . ayitibwa Mwesigwa era Ow'amazima, ne . . . butuukirivu* mw'asalira *emisango era alwana.*

Era amaaso ge gaali *nga omuliro ogwaka, ne . . . mutwe gwe engule nnyingi; . . .*

Yatikkirwa kuba ani? "Kabaka wa bakabaka."

. . . era ng'alina erinnya eriwandiikiddwa, omuntu yenna ly'atamanyi wabula . . . yekka.

Era ng'ayambadde ekyambalo ekyeru *ekyamansirwako omusaayi: n'erinnya lye ne liyitibwa Kigambo kya Katonda.*

"Ku lubereberye waaliwo Kigambo, era Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'afuuka omubiri n'abeerako gye tuli." Yali Ani? Yesu.

. . . n'erinnya lye ne liyitibwa Kigambo kya Katonda.

N'eggye ery'omu ggulu ne limugoberera ku mbalaasi enjeru, nga bambadde bafuta enjeru ennungi, enjeru era erongooseddwa. (Ekitiibwa! Omugole wuuyo ajja.)

Ne mu kamwa ke muvaamu *ekitala eky'obwogi, a . . .* asobole okutema eggwanga *nakyo*: *era . . .*

alibafuga n'omuggo ogw'ekyuma: era alinnya essogolero ly'omwenge gw'obusungu bw'obukambwe bwa Katonda Omuyinza w'ebintu byonna.

Era yalina *ku kyambalo kye ne ku kisambi kye erinnya eriwandiikiddwa, KABAKA wa* KABAKA, *ERA MUKAMA W'*OMWAMI.

134 Kyali kiki ekyo? Abantu Be baali baakamala okumutikkira okuba Kabaka wa kabaka, era Mukama w'abaami. Nga akomawo mu Yeekaalu Ye entukuvu, nga afukiddwaako amafuta n'Okubeerawo kwa Katonda, okubeerawo awamu n'okufuga okuyita mu kufuga okw'Emyaka olukumi wamu n'Ekkanisa Ye. Amiina! Omugole nga alabikako, nga ali ne Kabaka ow'amaanyi, okutuula mu kifo Kye ku ludda lwa Bba, mu Yeekaalu empya efukiddwako amafuta ey'ekirangira.

135 Kati awo ebigendererwa omukaaga eby'Okubikkulirwa essuula ey'omu 6:1 okutuuka ku Kubikkulirwa essuula ey'e 19:21, bibeera bituukiriziddwa.

136 Kaakano muwulirize, nga tumaliriza. Obubonero Omusanvu, Amakondeere Omusanvu, Ebibya Omusanvu, Ebiwoobe Ebisatu, omukazi ali mu njuba, okusuulibwa ebweru kwa setaani, manyanga okw'ogusota ogumyufu, bibeererawo wakati wano mu biseera ebyo mu kiseera ky'Ekibonyobonyo eky'amaanyi. Ekyo temukyerabira. Ebintu bino byonna bibeerawo mu kiseera kino.

Naye bino by'ebigendererwa omukaaga eby'Okujja Kwe. Mubikkiriza? Nga ekiseera kiyitirivu nnyo ddala ekirindiridde abo abaagala Mukama! Nkutegeeza mukwano gwange, tetuyinza kumala geesubya kintu kifaananako bwe kityo. Mu byonna by'okola, kakasa nti tokisubwa. Beera mukakafu!

137 Kati, Ssande ejja, Mukama bw'anaaba ayagadde, nnandyagadde okubanjulira, bw'Anaaba annyambye, mbalagire ddala wa buli lumu ku nnaku ezo omusanvu, ekiseera we lwatuukirira, nga ndeeta ekintu ky'ekimu—ky'ekimu kino kye nkoze olwa leero, nnambike ebiseera ebyo omusanvu, wiiki omusanvu, wiiki ensanvu wennyini mu kifo kyazo we zibeererawo mu kifo ekyo ekitukuvu eky'Abayudaaya, era ndage ekiseera kyennyini mwe tuli kaakano ku nkomerero, Mukama bw'anaaba ayagadde.

138 Mumwagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Muyinza okumala gasubwa Eggulu? ["Nedda."] Tuli mu kiseera kya nkomerero!

Ajja kukola ki? Ekintu ekisooka ekinaabaawo, nga Yesu tannakomawo ku nsi, kiriba kintu ki ekyo ekiribaawo okusooka? Ekkanisa erikola (etya?) erikwakkulibwa! Kati Yesu alikomawo ku nsi n'atambulatambula n'agenda ku ntaana, n'akwataganako mu ngalo ne maama wamu ne taata, n'ayogera naffe ffenna wano, olwo n'alyoka alinnya waggulu? Nedda!

Kiriba kitya? E . . . Tubabuulira kino, okusinziira ku—ku Kigambo kya Mukama waffe, "Nga ffe abaliba abalamu abaliba bakyaliwo . . . " Abasessaloniika Eky'okubiri, essuula ey'oku 5, "Ffe abaliba abalamu abaliba bakyaliwo okutuusa ku Kujja kwa Mukama waffe, tetuliziyiza newankubadde okulemesa bali abeebaka. Kubanga ekkondeere lya Katonda lirivuga; n'abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira: olwo naffe abaliba abalamu abaliba bakyaliwo ne tulyoka tutwalibwa wamu nabo mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga." Tulisitulibwa mu kaseera mpa we kaaga, mu kutemya ekikowe. Mu kiseera ekyo, ekyo kye kiriwumbako Omulembe gw'Ekkanisa.

139 Ekyo bwe kirimala okubaawo, olwo wano ku nsi Katonda atandike okukolagana n'Abayudaaya. Walibaawo bannabbi babiri. Essuula ey'e 11, ekyo tujja kukikwatako tukirambulule. Bannabbi babiri abafukiddwako amafuta, nga Eriya ne Musa, be ndowooza nti be bo. Era balireeta ebikolimo eby'amaanyi, nga bamaze okulaba nti bamaze okwegatta, nga ne Rooma emaze okumenya endagaano yaayo, omulangira oli.

Mu makkati ga wiiki eno ey'ensanvu, erimenya endagaano yaayo ne Rooma, manyanga Rooma erimenya endagaano yaayo ne Isiraeri, era ekyo kiriviirako eky'omuzizo okutandika okusaasaana. Era walibaawo amataba ag'amaanyi, abaasigalira ku B'amawanga, embeerera eneebafu bwe . . . Ogusota, Rooma, gwawandula amazzi okuva mu kamwa kaagwo, okulwanagana n'abalisigalawo ku zzadde ly'omukazi abo abakuuma ebiragiro bya Katonda. Ekyo Rooma erikikola.

140 Omukago ogugatta amakanisa gulibakuŋŋaanya wamu bonna, era guliyingizaamu n'Abayudaaya mu mukago guno, gubakomyewo eri okusinza kwabwe okw'omu yeekaalu eyaabwe, mu BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA okuva mu Bayibuli, era baliba n'ekkanisa eyaabwe nga bo.

141 Bali kiki mu kaseera kano? Ekyo kyakantomera kati kati. Kyakanzijira. We twogerera bali ggwanga eryetongodde. Si bwe kiri? Naye okusinza kwabwe kuli okw'omu yeekaalu tebannaba kuba nakwo. Era bwe balizzaawo okusinza kwabwe okw'omu yeekaalu, Ekkanisa eriba emaze okugenda. Katonda aliba akolagana n'Abayudaaya nga eggwanga. Era bwe baliyingizibwa mu mukago guno, Rooma erigimenya mu makkati g'omwaka ogw'ensanvu, emyaka esatu n'ekitundu, erimenya endagaano eyo gye yakola nabo, n'ereetera eky'omuzizo ekizikiriza okubuna okutuusa ku nkomerero ya byonna. Okuva awo erikyukira ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, wamu n'Abayudaaya n'ebayigganya. Mu kiseera ekyo, bannabbi bano ababiri baligolokoka ne bakolimira ensi, enkuba n'etatonnya mu nnaku z'obunnabbi bwabwe. Era baliyita omuliro okuva mu ggulu, n'ebintu ebirala. Mmwe mulinde bulinzi. Tukyalina bingi ebiri wano, ebituterekeddwa, bye tulina okuyiga.

142 O, nga Ye Katonda ow'ekitalo ennyo! Nga Kitaffe ajjudde okusaasira! Ab'emikwano, kino leka nkibabuulire, nga omusumba wammwe. Temumanyi miganyulo gye mweyagaliramu bwe gyenkana. Temugimanyi. Waliwo abasajja ab'amaanyi bangi, waliwo abatukuvu bangi, waliwo enkumi n'enkumi z'abasajja abatukuvu abaafa mu myaka egyayita, abasajja abaali bajjuzibwa Omwoyo abandyagadde okulaba ekiseera kino mmwe kye mulimu. N'olw'ensonga eyo nze nammwe leka ekiseera kino tukifunemu emiganyulo gye tusaanye okukifunamu.

143 Kiki ekirala kye tukyalinze okubaawo? Tuyinza kukola ki oluvannyuma lwa bino? Tugenda wa? Kiki ekiddako? Tulina okubaako ne gye tugenda. Tosobola kusigala wano lubeerera. Osobola okusaawa omuddo gwo; naye wiiki ejja w'enaatuukira gujja kuba gwetaaga okuddamu okusaayibwa; wewaawo, gujja kwetaaga okusaayibwa emirundi ebiri, nga ne wiiki eyo tennatuuka. Osobola okukuza abaana bo n'obalabirira. N'obagabula eky'emisana; naye we butuukira eky'eggulo enjala ejja kuba yabalumye dda. Osobola okubagabula eky'eggulo; naye bugenda okukya ku makya nga era enjala ebaluma. Osobola okubagulira engatto; naye bwe baba nga abange, mu myezi nga ebiri oba esatu kijja kukwetaagisa okuddamu okubagulira engatto endala. Ojja kubagulira engoye omwezi guno; wayitewo omwezi nga gumu oba ebiri oddemu obagulire engoye endala empya. Mukiraba? Tewaliiwo kibeerera. Tewali n'ekimu kitebenkedde. Tewaliiwo kya nkalakkalira.

Leka kwegomba bya bugagga bya nsi eno ebitaliimu nsa,
Ebivunda mu bwangu obw'ekitalo ne biggwaawo,
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Ebyo tebiriggwaawo!

Ebiseera bijjudde okukyukakyuka okw'amangu,
Tewali kintu kyonna ku nsi kya nkalakkalira,
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

Muwulirize:

Olugendo lwaffe bwe luliba lukomekkerezeddwa, (Alitutegeeza nga lukomye.)
Bwe tulisangibwa nga tubadde beesigwa eri Katonda,
Waliyo amaka amalungi agatangalijja mu Kitiibwa, (Ekyo ky'Ekibuga ekifukiddwako amafuta.)
Emmeeme zaffe eziriba zimaze okukwakkulibwa ge ziriraba!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

Leka kwegomba bya bugagga bwa nsi eno ebitaliimu nsa,
Ebivunda mu bwangu obw'ekitalo ne biggwaawo,
Ggwe essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Ebyo tebiriggwaawo!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

Nga tukotese emitwe gyaffe, bw'oba obadde teweekwatanga ku mukono Gwe, t'ojje n'okikola mu kaseera kano?

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

144 Omuwala omuto, oli muwala omuto, alabika obulungi mu kaseera kano. Enviiri zo zirabika bulungi, amatama go ganyirira. Naye, obadde okimanyi nti, ekyo kya kaseera buseera, olw'enkya we lunaatuukira, gajja kuba gawulubadde. Tukakasiza ku ki oba wiiki ejja w'eneetuukira ebiwuka binaaba tebirya, mu ttaka, amatama ago, agalabika obulungi, aganyirira?

145 Ggwe muganda wange omuto, oli wa maanyi, olina omubiri ogw'ebinywa eby'amaanyi, ogw'ekiwago; olina bingi nnyo

by'oluubirira okutuukako mu bulamu. Naye wajja kuyitawo akaseera katono nnyo, olw'enkya we lunaatuukira, enviiri zo ezo ez'amayengo z'olina, zonna zijja kukuunyuuka, ne z'onaasigazaamu zifuuke envi. Ebibegabega ebyo ebiggumivu, ebyegolodde bijja kukootakooka, n'ebiwuka bitandike ogwabyo ogw'okulya emikono gyo n'omubiri gwo. Bakwetikke bakutwale, bakuziike mu ttaka.

N'olwekyo, essuubi lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Ebyo tebiriggwaawo!

Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Weekwate ku mukono gwa Katonda . . .

Kati mu kaseera kano njagala okunukkirize weekwate ku mukono Gwe.

Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

Kati olugendo lwaffe bwe luliba lukomekkerezeddwa, (Lumu, lulikomekkerezebwa.)
Bw'olisangibwa nga obadde mwesigwa eri Katonda,
Waliyo amaka amalungi agatangalijja mu Kitiibwa,
Emmeeme yo eriba emaze okukwakkulibwa g'eriraba!

Lwaki teweekwata ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda ogutajjulukuka!

146 Ndabye ebintu bingi nnyo, kyenkana okumala emyaka amakumi asatu mu gumu gye mmaze nga nnyimiridde emabega w'ekituuti. Ndabye ebintu eby'ennaku; ndabye n'ebintu eby'ekitiibwa. Ekintu ekisingayo okunakuwaza kye nnali ndabye mu bulamu bwange . . . Newankubadde nga ndabye abaana ku nguudo abafa enjala; ne ndaba ne ba maama abasabiriza waakiri bafuneyo akatundu k'akagaati. Naye ekintu ekisingayo okunakuwaza kye nnali ndabye, kwe kulaba omusajja, omuntu, asaanye okuba omwana wa Katonda, nga afa nga tamanyi Katonda.

147 Nzijukira lumu ekiro omukazi eyayimirira ku luggi, lw'ekkanisa eno, n'ansekerera. N'agamba nti, "Ne bwe yandibadde ente yange ssandigikkiriza kubeera na ddiini ya

musajja oyo gy'alina!" Waali tewannayita yadde essaawa emu bw'eti, ne bampita ŋŋende mu ddwaliro. Omukazi alabika obulungi, nga ali mu myaka nga abiri mu ebiri, nga abooyaana alaajana nti, "Mumpitire omubuulizi oli!" Yali Mukatuliki, y'eyali enzikiriza ye.

Bwe nnatuukayo, nnansi oli omukadde n'aŋŋamba nti, "Oluddeyo nnyo, Ow'oluganda Branham. Yaakafa mu ddakiika nga ttaano ezaakayita."

Ne mmubuuza nti, "Nsobola okumulabako?"

N'aŋŋamba nti, "Alaajanye nga akukowoola, mu bigambo bye ebisembyeyo nti, 'Mundeetere omubuulizi oli, Ow'oluganda Branham!'"

Bba yali awo, nga bw'alaajana nti, "Bambi baako essaala gy'omusabira! Baako essala gy'omusabira!"

Ne mmugamba nti, "Ekyo kati kikeerezi nnyo okukikola."

148 Ne mbikkula kye baali bamubisse. Yalina amaaso ag'embira ag'emmunye eza kitaka. Nga mukazi alabika obulungi; nga alina obutolobojjo mu bwenyi bwe; n'enviiri emmyukirivu; nga mulungi okukamala. Naye olumbe lwamuluma okutuusa obutolobojjo bwe bwatutunukayo ne buba nga embalabe. N'amaaso ge ne gatutunakayo mu nkompe zaago, bwe gatyo. Era, weewaawo, n'ebyenda bye wamu n'ensigo nabyo byali byabise, nga bwe kibeera ku—ku . . . Ekyo buli muntu kimubaako bw'aba afa. Era bambi yali awo bw'atyo, nga agalamidde mu mbeera eyo, nga omumwa gwasamye. Nga n'amaaso ge, gabisse ekitundu ky'emmunye ye eya kitaka. Ekyo sirikyerabira. Mu kaseera ako oluyimba olwo ne lunzijira mu mutima gwange.

> Leka kwegomba bya bugagga bya nsi eno ebitaliimu nsa. (Obulungi, ebintu eby'amaanyi.)

149 Nnayimirirako ku ludda lw'omusajja omu wano mu Port Fulton, eyali afa. Bampita nzije ku kitanda kwe yali nga mulwadde. Ate nnali nasabako naye wano ku wolutaali lumu ekiro. Yagenda n'akwata omukazi mu kiwato. Ne mmugamba nti, "Omukono gwo guggye mu kiwato ky'omukyala oyo."

N'aŋŋamba nti, "Mmuluŋŋamya mu kusaba kudda eri Katonda."

150 Ne mmugamba nti, "Ekyo tokikola nga omukutte mu kiwato." Sikkiririza mu bintu bya ngeri eyo. N'annyiigira. Ne yeekandagga n'afuluma mu bukambwe.

Ne ŋŋenda okumulaba, nga wayiseewo akaseera, bwe yali afa. N'antunuulira, n'aŋŋamba nti, "Tonsabira, Ow'oluganda Bill. Mbuze. Sikyalinayo ssuubi lyonna." N'agamba nti, "Byonna byonna bye nnali nfunye, kaakano mbifiiriddwa."

151 Lumu, nnayimirira erudda wano eno, kinnya na mpindi okuva wano, ku mabbali g'omusajja omu eyantumya nga ali ku ndiri afa. N'aŋŋamba nti, "Bulijjo njagaddenga ebintu bwe *biti-ne-bwe biti*, ne bwe biti." N'agamba nti, "Naye ssiweerezza ku Mukama. Emirundi mingi nneebalamyenga okugenda ku wolutaali." N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, bambi nsabira Katonda akkirize muwala wange ayimirire mu muwaatwa ku lwange olw'ebyo bye nkoze. Ob'olyawo ye ayinza okubaako ne ky'akolera Mukama."

152 Ne mmugamba nti, "Ekyo tekikyasoboka, ow'oluganda. Bye wandibadde wakola kati tebikyasoboka kukolebwa." Hum!

153 Lumu nnayimirirako ku mabbali g'omusajja, ne mmulaba nga alwanagana n'emizimu okumala essaawa abiri mu nnya. Yagamba nti emizimu gyali giyimiridde ku mabbali g'ekitanda kye nga gyezingiridde enjegere mu bulago. Nga alaajana nti, "Temugikkiriza kunkwata!" Nga bw'aleekaana; bwe yeenywereza ku kitanda. N'alaajana nti, "Guugwo guyimiridde awo. Temugulaba? Gwagala kuntwala." Eky'okukyuka okudda eri Katonda yali akikandaalirizza, okumala ebbanga ddene nnyo. Yalina ebiyumba by'amaterekero ebinene ebijjuddemu omuddo gw'ebisolo, ebijjuddemu eŋŋaano, nga alina n'embalaasi ennungi ez'empaka. Omwaka gumu nga tannatuuka mu mbeera eyo, yavvoola Katonda, bwe yakuba mukyala we oluyi olw'okugenda mu kkuŋŋaaniro. Mumanyi ekyabaawo? Laddu yakuba amaterekero ge, n'etta embalaasi ze, n'eyokya n'omuddo gw'ebisolo bye gwonna. Era omusajja oyo yafiira mu mbeera embi ennyo ddala, nga alwanagana okwetakkuluzaako emizimu.

154 Naye ate nnina mukwano gwange ow'edda (ekitiibwa!) ali emitala w'eri, naye eyatuuka ku nkomerero y'olugendo lwe. Nnamubuuza nti, "Taata, ogenda?"

N'anziramu nti, "Kano ke kaseera, Billy."

Ne mmubuuza nti, "Kiwulikika kitya?"

155 N'anziramu nti, "Mirembe myereere." N'aŋŋamba nti, "Ndeetera abaana bange bajje bayimirire wano ku mabbali g'ekitanda." Bonna n'abassaako emikono gye egitakyalimu mbavu n'abasabira omukisa. N'agamba batabani be ababiri, nti, "Muyimuse emikono gyange waggulu, mugiwanirire, nga Yoswa ne Kalebu bwe baakola." Ne twebuuza ky'agenda okwogera. N'agamba nti:

> Lunaku lwa ssanyu, lunaku lwa ssanyu,
> Kasookedde Yesu annaazaako ebibi byange!
> Yanjigiriza okulindirira n'okusaba,
> Awamu n'okujaguzanga bulijjo.

Waliwo ebimu ku bintu ebyo bye tuyaayaanira okutuukako, ab'emikwano! Buli muntu yandyagadde okulya emmere ennungi, okuvuga emmotoka ennungi, n'okuba n'ebintu

ebisingayo obulungi bye tusobola okuba nabyo. Simunenya. Ebyo byonna birungi. Katonda ayagala obeere nabyo, naye:

Leka kwegomba bya bugagga bya nsi eno
ebitaliimu nsa,
Ebivunda mu bwangu obw'ekitalo ne
biggwaawo,
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Ebyo tebiriggwaawo!

Leka tuyimuse emikono gyaffe kaakano nga bwe tuyimba.

Weekwate ku mukono gwa Katonda
ogutajjulukuka!
Weekwate ku mukono gwa Katonda
ogutajjulukuka!
Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda
ogutajjulukuka!

156 Nga tuyimiridde, leka tukyuke tubeeko omuntu gwe tulamusa kaakano. Tugenda kweyongerayo mu maaso, n'olukuŋŋaana, mu kaseera katono ddala. Naye njagala mukyuke nga bwe tuyimba ekitundu ekirala eky'oluyimba olwo.

Weekwate ku mukono gwa Katonda
ogutajjulukuka!

Kikole, taata! Kikole, taata! Weekwate ku Katonda! Kikole, gwe omuvubuka! Kikole ow'oluganda! Kikole, ow'oluganda!

Essuubi lyo lizimbe ku bintu Ebitaggwaawo,
Weekwate ku mukono gwa Katonda
ogutajjulukuka!

157 Temumusanyukira? Muddemu nti "Amiina!" [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina!"—Omuk.] Mwenna abamwagala, mugambe nti, "Mukama atenderezebwe." ["Mukama atenderezebwe!"] Mwenna abakkiriza nti mugenda mu Kibuga ekyo eky'enjuyi ennya ezenkanankana, muyimuse emikono gyammwe. (Musigale nga mugiyimusizza, okumala akaseera, nga bwe muyimba oluyimba lwammwe.)

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi, (Kozzi
baluyimba batya?)
Mukama ky'ateekeddeteekedde abo Ababe;
Eyo abanunule bonna ab'emirembe gyonna
Gye bayimbira nti "Ekitiibwa!" nga
beetoolodde Entebe Enjeru ey'obwakabaka;
Ebiseera ebimu nnumwa omwoyo okugenda
mu Ggulu,
Wamu n'ekitiibwa kye ndirabayo:
Nga liriba ssanyu lya nsusso bwe ndiraba ku
Mulokozi wange,
Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zzaabu.

Ekyo temukyagala?

Njolekedde Ekibuga ekyo ekirungi,
Mukama ky'ateekeddeteekedde abo Ababe;
Eyo abanunule bonna ab'emirembe gyonna
Gye bayimbira nti "Ekitiibwa" nga beetoolodde Entebe Enjeru ey'obwakabaka;
O, ebiseera ebimu nnumwa omwoyo okugenda mu Ggulu,
Wamu n'ekitiibwa kye ndirabayo:
Nga liriba ssanyu lya nsusso bwe ndiraba ku Mulokozi wange,
Mu Kibuga ekyo ekirungi ekya zzaabu.

Mumwagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kati nno:

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Ggwe omwana ow'ennaku n'okulumwa;
Lijja kukuwa essanyu era likugumye,
Litwale buli gy'ogenda yonna.

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi! (O nga ddungi!)
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Kati, temwerabira ku Ssande ejja ku makya, ku ssaawa ssatu n'ekitundu. Era tujja kugezaako, Mukama nga ayagadde, okumaliriza nga bukyali, tusobole okusabira abalwadde, kale ku ssaawa ssatu n'ekitundu ku makya ga Ssande ejja.

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Ne tweyala wansi ku bigere Bye,
Tulimutikkira engule nga Kabaka wa bakabaka,
Nga olugendo lwaffe luwedde.

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi! (O nga ddungi!)
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Kati muwulirize ekitundu kino:

Bwe tulivunnamira Erinnya lya Yesu,
Nga Engabo eri buli kyambika;
Ebikemo bwe bikwetooloola,
Yatula bwatuzi Erinnya eryo mu kusaba. (Ekyo kyokka kinaamala!)

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O nga ddungi! (O nga ddungi!)
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo) O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Kaakano olukuŋŋaana nduzzaayo eri omusumba, Ow'oluganda Neville, abeeko ne by'abagamba mu kumaliriza n'ebirala by'ayinza okwagala okwogera.

Ebigendererwa Omukaaga Eby'Okukyala Kwa Gabulyeri Eri Danyeri LUG61-0730E

(The Sixfold Purpose Of Gabriel's Visit To Daniel)

Obubaka Ku Wiiki Ensanvu eza Danyeri Obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 30 Jjulaayi, 1961, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org